- Obusibe ng'obutali mu: 4:3
- Ab'eddembe ng'abaana: 4:4-6

c. Okumaliriza eri abakkiriza: 4:7

2. Okukuutira eri Abaggalatiya okweresa etteeka: 4:8-31

A. Okukkiriza amateeka g'eKiyudaaya kuba kw'ezza mu busibe: 4:8

a. Embeera yaabwe eyayita mu busibe: 4:8
b. Okununulibwa kwabwe okuva mu busibe: 4:9
c. Etteeka kuba kudda mu busibe: 4:9-10
d. Ebikolwa byabwe bireetera Paulo okufaayo: 4:11

B. Okukuutirwa okuva mu nkolagana ye nabo: 4:12-20

a. Okukuutirwa batwale ekifo Kya Paulo: 4:12
b. Okujjukiza ku nkolagana ye eyayita: 4:12-14
c. Enkyukakyuka mu nkolagana yaabwe: 4:15-18
d. Okulumirirwa kw'ayitamu ku lwabwe: 4:19-20

C. Okukuutirwa ku ndagaano ebbiri ezaawukana, etteeka n'ekisa: 4:21-31

a. Ekibuuzo eri abo abaagala Okusigala mu tteeka: 4:21
b. Emboozi ya batabani ba Ibulayimu ababiri: 4:22-23
c. Okutaputa kw'emboozi: 4:24-23
- Enkola ebbiri ziraga ndagaano ebbiri: 4:24
- Ennyinnyonyola y'endagaano ebbiri: 4:24-28
    - ✓ Emu ekiikirira Obusibe: 4:24-25
    - ✓ Endala ekiikirira ddembe: 4:26-28
- Okugobebwa kw'omwana w'obusibe: 4:29-30
- Okumaliriza emboozi: 4:31

**Ekitundu ekyokusatu: Eddembe ly'enjiri.**

Okuteekera ddala mu nkola: 5:1-6:18

1. Okuyitibwa okukuuma eddembe ly'obukristaayo: 5:1-12

A. Ekikoligo mu kukomolebwa: 5:2-6

a. Kifuula Kristo ng'ekitagasa gye bali: 5:2
b. Kibaleetera okuba nga bagondera etteeka lyonna: 5:3
c. Kibaggya mu Kristo: 5:4
d. Kuba kugwa okuva mu kisa: 5:4
e. Endowooza y'obukristaayo ennungi: 5:5-6

B. Okunenyezebwa kw'omusomesa omukyamu: 5:7-12 omukyamu: 5:7-12

a. Ensobi yaabwe: 5:7-8
b. Ekyokulabirako ky'ensomesa yaabwe 5:9
c. Okunenyezebwa kw'oyo abakaluubiriza: 5:10-12

2. Obulamu bw'eddembe ly'obukristaayo: 5:13-6:10

A. Obulamu bulungamizibwa kwagala: 5:13-15

a. Omukkiriza ayitibwa eri eddembe: 5:13
b. Enkozesa ennungi ey'eddembe ly'obukristaayo: 5:13
c. Okutuukiririzibwa kw'etteeka okuyita mu kwagala: 5:14
d. Ebiva mu butaba na kwagala: 5:15

B. Kwe kutambulira mu mwoyo, so si mu mubiri: 5:16-25

a. Ekiragiro ky'okutambulira mu mwoyo: 5:16
b. Olutalo lw'omwoyo n'omubiri: 5:17-18
c. Enjawulo ku biva mu mubiri n'ebyomwoyo: 5:22-23
- Ebikolwa eby'omubiri: 5:19-21
- Ekibala ky'omwoyo: 5:22-23
d. Abantu ababeera mu mwoyo: 5:24-25
- Baakomerera omubiri: 5:24
- Babeera era ne batambulira mu mubiri: 5:25

C. Bulamu bwa kusituliraganako migugu: 5:26-6:10

a. Okusutulirangako ebisobye: 5:26-6:5
- Okulabula ku babeera n'endowooza enkyamu eri abalala: 5:26
- Endowooza y'obukkakkamu mu kuzza abo abagudde: 6:1
- Omulimu gw'okusitulirangako emigugu: 6:2

- Endowooza ennungi gy'oli: 6:3-5

D. Bulamu obufugibwa ennono enkulu: 6:6-10

a. Ennono y'okuwuliziganya: 6:6
b. Ennono y'okukungulira mu mwoyo: 6:7-8
c. Ennono y'okukola obulungi: 6:9-10

3. Okufundikira:

A. Okujuliza ku bbaluwa ze ennene: 6:11
B. Okunenya kw'abamuwakanya: 6:12-13
C. Obulamu bwe mu musaalaba: 6:14-16
    a. Okwenyumiriza mu musaalaba: 6:14-16
    b. Okukomererwa kw'okumusaalaba: 6:15
    c. Omukisa eri abo abakkiriza ennono eno: 6:16
    d. Alina enkovu za Mukama ku mubiri gwe: 6:17

Okumaliriza: 6:18

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Abaggalatiya
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Abaggalatiya.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Abaggalatiya kyawandiikirwa ani?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Abaggalatiya.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abaggalatiya.

…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Kaabakuuku 2:4. Olunyiriri luno luagiddwa ne mu Abaggalatiya 3:11
2. Soma ku njawulo eri wakati we ebirabo by'Omwoyo Mutukuvu n'ebikolwa ebyomubiri: Abaggalatiya 5:19-23
3. Ekigambo ekikulu mu Abaggalatiya kye: eddembe kikozeseddwa emirundi kkumi na gumu. Lamba ennyiriri zino ofunze ne kye zisomesa ku ddembe.
4. Geraageranya Paulo bwe yali nga tannatandika ne bwe yali amalirizza emboozi ye. Abaggalatiya 1:13-17.
5. Ensobi eyaliwo mu njigiriza y'ekkanisa z'e Ggalatiya Paulo yaginnyonnyola nga"enjiri endala". Abakkiriza bano baali banoonya kutuukirizibwa mu tteeka (5:4). Baali baagala okukuza ennaku zaabwe enkulu (4:10) n'okukomolebwa ng'ekyetaago eri okulokolebwa (5:2,6:12-13). Baali banoonya kwongereza ku mulimu gwa Mwoyo Mutukuvu n'etteeka n'ebikolwa byabwe ebyobutuukirivu (3:3). Baali beesibye ku ky'okugondera etteeka lya Musa (4:21).Tekyali nti baali bagaanye enjiri naye baali bongedde ebyamateeka n'obuwangwa ku njiri.
6. Soma ku njawulo eri mu kitbo Kya Abaggalatiya. Muno mulimu okukkiriza nga kukontana n'ebikolwa, omwoyo gukontana n'omubiri ,ekisa kikontana n'etteeka, okulokolebwa kukontana n'ekitonde ekiggya , omusaalaba gukontana n'ensi, eddembe likontana n'obusibe, ebyomubiri (Isimayiri) kikonta n'ekyomwoyo (Isaaka).
7. Ebintu eby'okuba nabyo:

- Okubala ebibala: Abaggalatiya 5:22-23
- Okusituliraganako emigugu: Abaggalatiya 6:2
- Okubala ensigo: Abaggalatiya 4:7,9
- Okuba n'erinnya

# ESSUULA EYOOMWENDA

## ABEEFEESO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'ekitabo kya Abaefeeso.
- Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo kya Abaefeeso.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo kya Abaefeeso.
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abaefeeso ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza olw'ekitabo kya Abaefeeso.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Paulo

**ERI ANI?** : Ekkanisa y'Efeeso.

**OBUKULU** : Okumanyisa Abakkiriza ku bugagga bwe balina mu Kristo n'ebiragiro ku ntambula yaabwe mu Kristo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Abeefeeso: 1:3

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Abakkiriza basika ba mukisa (obugagga) n'obuvunaanyizibwa (okutambula) obwokuyitibwa kwabwe mu Kristo.

**ABALIMU ABAKULU** : Paulo, Tukiko.

**EKIMENYEDDWA**

**Ekitundu ekisooka: Obugagga bwaffe mu Kristo.**

**1.** Ennyanjula: 1:1-2

A. Okuva ewa Paulo1:1
B. Eri abatuvu mu Efeeso 1:1
C. Ekisa n'emirembe okuva ewa Katonda nee Yesu: 1:2

2. Okutendereza kye baalina eky'omwoyo1:3-14

A. Atulonze: 1:3-14
B. Yatuteekateeka: 1:5-6
C. Tulina obununuzi mu Ye: 1:7
D. Atulaga amagezi: 1:8
E. Atubikkulira ekyama ky'okwagala kwe: 1:9-10
F. Mu ye mwetufunidde obusika: 1:11-12

G. Tuteereddwako envumbo y'Omwoyo Omutukuvu: 1:13-14

3. Essaala y'okutegeera ebyomwoyo okuyita mu Kristo : 1:15-23

A. Ekisinziirwako essaala: 1:15

B. Enkula y'esssaala: 1:16

C. Katonda asabirwako essaala: 1:17

D. Ebirabo ebisabibwa mu ssaala: 1:17

a. Amagezi.

b. Okubikkulirwa mu kumumanya.

E. Obukulu bw'essaala: 1:18-23

a. Basobole okutegeera essuubi ly'okuyitibwa kwe: 1:18

b. Basobole okufuna obugagga bw'obusika bwabwe: 1:18

c. Basobole okumanya amaanyi ge: 1:19-23

- Engeri y'amaanyi ge 1:19
- Okweyoleka kw'amaanyi ge mu Kristo: 1:20-23

4. Embeera yaffe mu Kristo: 2:1-10

A. Nga tetuli mu Kristo: 2:1-3

a. Bafu mu mwoyo2:1

b. Kutambula mu ngeri y'ensi: 2:2

c. Bagondera sitaani: 2:2

d. Si bagonvu mu mwoyo: 2:2

e. Emboozi enkyamu :2:3

f. Baana ba busungu: 2:3

g. Basibe mu kuyaayaana kw'omubiri: 2:3

- Okwagala omubiri: 2:3.
- Okwagala eby'ensi.
- Endowooza by'eyagala: Ebiruubirirwa by'ensi.

B. Embeera yaffe empya mu Kristo: 2:4-10

a. Twasembezebwa: 2:5

b. Twalokolebwe lwa kisa: 2:5

c. Twatuuzibwa mu bifo byomu ggulu: 2:6

d. Mu kisa Kya Katonda 2:7

C. Ensonga y'embeera empya: 2:8-10

a. Obulokozi obwa: 2:8

- Olwokukkiriza: 2:8
- Ekirabo Kya Katonda: 2:8
- Obulokozi obutali: 2:8-9
- Bwaffe: 2:8
- Obwebikolwa: 2:9

- Yes yeeyongera okukolera mu bulamu bwaffe: 2:10

5. Enkolagana yaffe enkadde: 2:11-12

   "Ebiseera ebimu mwalinga..."

   A. Temwamanya Kristo: 2:12
   B. Abaamawanga: 2:12
   C. Abataali ba ggwanga lya Isirayiri: 2:12
   D. Temwalina ssuubi: 2:12
   E. Temwalina Katonda: 2:12

6. Enkolagana empya: 2:19-20

   "Kaakano n'olwekyo muli..."

   A. Abatuuze b'ekibuga ekimu: 2:19
   B. Ab'enju emu: 2:19
   C. Abaazimbibwa ku musingi: 2:20
   D. Bitundu by kizimbe: 2:21
   E. Mu mwoyo omu: 2:22

7. Engeri enkyukakyuka gye yajja: 2:13-17

   "Naye Kati abali mu Kristo Yesu...."

   A. Olukonko lwaggibwawo: Mwasembezebwa2:13
   B. Enjawukana zaggibwawo: Bonna baafuuka omu: 2:14
   C. Okweyawula kwaggibwawo: I kisenge kyamenyebwa: 2:14
   D. Yadibya etteeka: Yamalawo obulabe: 2:15
   E. Enjawukana zaamalibwawo: 2:15-18
      a. Omuntu omu omuggya: 2:15
      b. Atabaganye ne Katonda: 2:16
      c. Emirembe ne Katonda: 2:17
      d. Okutuukirira Katonda: 2:18
      e. Temukyali bannamawanga oba abagwira: 2:19-22
         - Ab'ekika ekimu 2:19
         - Abaazimbibwa ku musingi omunywevu: 2:20
         - Ekizimbe ekyomwoyo ekituukiridde: 2:21
         - Yeekaalu ya Mukama entukuvu: 2:21
         - Ennyumba ya Mukama mu mwoyo omutukuvu: 2:22

8. Okubikkula ekyama ky'obwa Katonda: 3:1-12

   A. Paulo ng'omubaka ow'ekyama: 3:1-13
      a. Enkolagana ye n'ekyama: 3:1-5
      - Ekifo kye ngomusibe ku lwa Bannamawanga: 3:1
      - Obuwanika bwe obwekisa Kya Katonda eri Bannamawanga: 3:2
      - Okumanya kwe yalina ku kubikkulirwa kwekyama kino: 3:3-5
   B. Ekyogerwa ku kyama kye: 3:6
   C. Obuweereza bwa Paulo ku kyama kino: 3:7-12
      a. Ensibuko y'obuweereza been: 3:7
      b. Endowooza y'oyo aweebwa obuweereza buno: 3:8

        c. Ebyali mu obuweereza bwe: 3:8-9
        d. Obukulu bwobuweereza: 3:10-11
        e. Omukisa gwobuweereza: 3:12
        f. Ebibonyoobonyo by'obuweereza:3:13

9. Okufuna obuweereza bwobwa Katonda: 3:14-21
    A. Ennyanjula ku ssaala eyookubufuna: 3:14-15
    B. Okuzaba: 3:16-17
        a. Abagumye mu maanyi ag'Omwoyo Omutukuvu mu muntu wammwe owoomunda:3:16
        b. Basobole okufuna okubeerawo kwa Kristo: 3:17
        c. Basobole okusimba emirandira n'okunywezebwa mu Kwagala: 3:17
        d. Basobole okufuna okutegeera okwagala kwa Kristo mu mwoyo:3:18-19
            - Gye kuyitira: 3:18
            - Okutegeera nga bwe kuli mu Katonda: 3:19
        e. Basobole okubeera ne Katonda mu bujjuvu: 3:19
    C. Okufundikira essaala: 3:20-21
        a. Obusobozi bw'oyo awandiikibwako: 3:20
        b. Okutendereza oyo awandiikibwako: 3:21

**Ekitundu ekyokubiri: Entambula yaffe ne Kristo 4:1-6:24**

1. Entambula esaanidde ng'ekkanisa: 4:1-16

A. Okubeera n'endowooza entuufu: 4:2
    a. Obukkakkamu
    b. Obuwombeefu
    c. Obugumiikiriza
    d. Okugumiikiriziganaga mu kwagala.

B. Okuyita mu bumu: 4:3-6
    a. Mu mirembe: 4:3
    b. Mu mubiri gumu: 4:4
    c. Mu mwoyo omu: 4:4
    d. Mu ssuubi limu ery'okuyitbwa kwammwe: 4:4
    e. Mu Mukama: 4:5
    f. Mu kukkiriza kumu: 4:5
    g. Mu kubatizibwa kumu: 4:5
    h. Mu Katonda omu: 4:6
        - Kitaawe wa bonna
        - Asinga byonna
        - Yenna mu byonna
        - Mu mwenna.

C. Nga mugoberera ekyokulabirako Kya Kristo: 4:7-10

D. Mu mitendera emituufu: 4:11-12

a. Ebirabo by'omwoyo: 4:11
   - Abatume
   - Bannabbi
   - Ababuulizi
   - Abasumba
   - Abasomesa.

b. Obukulu bwabwe: 4:12-16

- Okusomesa abatukuvu: 4:12
- Omulimu gw'obuweereza: 4:12
- Okuzimba omubiri gwa Kristo: 4:12
- Okukkiriza okumu: 4:13
- Okamanya omwana wa Katonda: 4:13
- Okutuukirira mu bulamu bwa Kristo: 4:14
- Okukula mu mwoyo: 4:14-15

E. Nga bafuuka ekitundu ky'omubiri: 4:16
   a. Okwegatta awamu
   b. Buli kitundu ky'omubiri ne kikola omulimu gwakyo.
   c. Omubiri ne gukula nga guzimbibwa mu kwagala.

2. Entambula ya buli mukkiriza: 4:17-5:2

A. Engeri y'obutatambula: 4:17-25
   a. Ebirowoozo ebitaliimu: 4:17
   b. Nendowooza erimu ekizikiza: 4:18
   c. Beesala ku bulamu bwa Katonda olw'obutamanya n'obuzibe.
   d. Beemalira mu bya buwemu, balina omululu gwookukola ebyobugwenyufu:4:19

B. Engeri y'obutatambula: 4:20-5:2
   a. Mu Kristo: 4:20-21
   b. Okweyambula omuntu omukadde: 4:22

C. Okuzza obuggya mwoyo w'endowooza yo: 4:23

D. Yambala omuntu omupya: 4:24

E. Weeyambuleempisaembi:4:25-30
   a. Obulimba: 4:25
   b. Okunyiiga: 4:26-27, 31
   c. Obubbi:4:28
   d. Okukonjera: 4:9
   e. Okunakuwazaomwoyoomutukuvu: 4:30
   f. Okunyiiga: 4:31
   g. Okusunguwala: 4:31
   h. Okukaayana: 4:31
   i. Okuvuma: 4:31
   j. Okutulugunya: 4:31

F. Mukoleebikolwaebyobutuukirivu:4:32-5:1
   a. Bakisa 4:32

    b. Abalumirirwa:4:32
    c. Musonyiwaganenga: 4:32
    d. Ng'abaanaabagonvu: 4:32
3. Entambula yaffe ngabweri munsi: 5:2-21
    A. Mukwagalangamugoberera ekyokulabirako kya Yesu: 5:2
    B. Mutambulire mu kukkiriza: 5:3-5
        a. Mwerese obwenzi: 5:3
        b. Mwerese obutali butukuvu bwonna: 5:3
        c. Mwerese okwegomba okubi: 5:3
        d. Obutayogera byabusirusiru: 5:4
        e. Obutabalaata: 5:4
        f. Obutakola byansonyi: 5:4
        g. Mwebaze nga Katonda: 5:4
    C. Mutambule n'endowooza etaggwaawo: 5:5
    D. Temulimbibwalimbibwanga: 5:6
    E. Temwegattangnababi: 5:7
    F. Mutambulirengamukitangaala: 5:8
    G. Bala ebibala eby'omwoyo: 5:9
        a. Obulungi
        b. Obutuukirivu
        c. Ow'amazima
    H. Kakasa ekyo ekikkirizibwa ewa Katonda: 5:10
    I. Totambulira mu kizikiza: 5:11
        a. Teweegatta ku kizikiza: 5:11
        b. Tereeza ab'ebikolwa ebitabala bibala: 5:11
        c. Toyogera ku bintu ebikolebwa mukizikiza: 5:12
        d. Teekaekitangaalaawaliekiziza: 5:13
        e. Muzuukuee abali mu tulo otwekizikiza: 5:14
    J. Mutambule ngabagezi so si abasirusiru: 5:15
    K. Mulokole  obudde: 5:16
    L. Mutegeere okwagala kwa Katonda: 5:17
    M. Temutamiiranga envinnyo: 5:18
    N. Mujjule omwoyo: 5:18
        a. Munyumizaganenga mu zabuli, mu biyiiye ne mu nnyimba ezoomwoyo: 5:19
        b. Musaakaanyize mu mitima gyammwe: 5:19
        c. Mwebaze Katonda olwa byonna mu linnya erya Yesu:5:20
4. Entambula yaffe olwenkolagana ez'enjawulo: 5:21-6:9
    A. Eri abakkiriza abalala. Mweweeyo olwokutya Katonda: 5:21
    B. Abakazi: 5:22-24
    a. Muwulirenga ba bba mmwe nga bwe kiri eri Mukama: 5:22
    b. Manya nti omusajja gwe mutwe gw'omukazi nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa: 5:23

        c. Gondera omwami wo ng’ekkanisa bwegondera Kristo: 5:24
    C. Abasajja: 5:25-33
        a. Mwagale bakazi bammwe nga Kristo bw'ayagala ekkanisa: 5:25-29
        b. Naye weegatte ne mukazi wo nga Kristo bwe yeegatta ne kkanisa: 5:30-33
            - Omubiri gumu: 5:30
            - Ng'oleka abalala bonna: 5:31-32
    D. Eri omukazi n'omusajja:5:33
        a. Omusajja okwagalanga mukazi we nga bwe yeeyagala: 5:33
        b. Omukazi agondere bbaawe: 5:33
    E. Abaana: Muwenga bazadde bammwea ekitiibwa: 6:1-3
    F. Abazadde: 6:4
        a. Muleme kunyiizanga baana bammwe
        b. Mubakulize mu mpisa n'okutya Katonda
    G. Abaddu: 6:5-8
        a. Mugondere bakama bammwe: 6:5
        b. Mubeere n'endowooza ewa ekitiibwa: 6:5
        c. Temuba na bukuusa (n'omutima gumu): 6:5
        d. Mubawulire nga bwe muwulira Kristo: 6:6-7
        e. Mumanye nti empeera yammwe eva wa mukama: 6:8
    H. Bakama b'abaddu: 6:9
        a. Abaddu bammwe mubayise kye kimu: 6:9
        b. Manya nti naawe olina Mukama wo gw'oweereza: 6:9
        c. Mukama tasosola mu bantu: 6:9
5. Entambula yaffe ne ku maanyi ageekizikiza: 6:10-20
    A. Mubeere bagumu mu Mukama munywezebwe obuyinza bw'amaanyi ge: 6:10
    B. Mwambale ebyokulwanyisa bya Katonda byonna: 6:11-20
        a. Ekiruubirirwa: Musobole okulwanyisa sitaani n'enkwe ze: 6:11,13
        b. Omulabe: 6:12
            - Abaamasaza
            - Amaanyi
            - Abafugira mu kizikiza.
            - Emyoyo emibi egifugira mu bbanga.
    C. Ebyokulwanyisa: 6:14-20
        a. Amazima nga lwe lukoba lwe mwesiba: 6:14
        b. Obutuukirivu nga ye ngabo yammwe: 6:14
        c. Okwetegeka kwammwe kubeere nga engatto eziri mu bigere byammwe: 6:15
        d. Engabo y'okukkiriza: 6:16
        e. Sseppeewo eyobulokozi: 6:16
        f. Ekitala eky'omwoyo: 6:17
        g. Essaala: 6:18-20
6. Okufundikira 6:21-22
    A. Ensonga ze ngomuntu: 6:21-22

a. Okutumibwa kwa Tukiko ng'omubaka: 6:21
b. Ekyaluubirirwa mu kutuma Tukiko: 6:21-22
    - Obubaka bumanyisibwe: 6:21-22
    - Okumanyisa ensonga za Paulo: 6:22
    - Okubagumya: 6:22
        B. Okumaliriza: 6:23-24
            a. Okwagala kw'abooluganda: 6:23
                - Emirembe
                - Okwagala
                - Okukkiriza.
        C. Omukisa eri abaagala Kristo: 6:24

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Abaefeeso.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Abaefeeso.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Abaefeeso kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Abaefeeso.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abaefeeso.

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Ekitabo Kya Abeefeeso kigeraageranya Abakkiriza ku bintu bingi:
- Abatuuze: 2:19
- Ekkanisa: 5:22-23
- Ekizimbe: 2:20-22
- Omubiri: 1:22-23, 4:4, 12, 16
- Abaddu: 6:6-9
- Abasirikale: 6:10-17
2. Enkolagana yaffe ne Katonda eringa eyoomumaka (3:15). Twafuulibwa baana (1:5-6) baboomunnyumba (2:19), abaagalwa (5:1).
3. Soma essaala ya Paulo eri Abeefeeso. Yabasabira basobole okumanya ebintu ebimu (1:16-19) era basobole okufuna ebintu ebimu (3:14-19). Byonna byetaagisa olwokusabayo obusika bwaffe obwomwoyo Tuteekwa okukimanyaako tusobole okukisaba. Soma ebigobererwa ebikuweereddwa mu Abeefeeso nga bwe tusaanidde okusaba: 5:18-20, 6:18
4. Waliwo ebitundu bingi mu Abeefeeso ebikwata ku kkanisa. Leeta buli lunyiriri era ofunze bye lusomesa.
5. Soma ebigambo ebikulu mu Abeefeeso. Ekyama, entambula, okwagala, ekisa, ekitiibwa, amaanyi, mu kukola, emirembe, obugagga, awamu, omu ow'eggulu.
6. Soma Abeefeeso 4:22-23 ne 6:11-18. Nokolayo ebintu bye tulina okweyambula n'okwambala. Geraageranya olukalala luno ku lukuweereddwa mu Abakolosaayi 3.
7. Kolayo olukalala olukontana mu kitabo Kya Abeefeeso. Osobola okutandikira ku by'okulabirako bino nga bw'osoma:

| | |
|---|---|
| Okulokolebwa olw'ebikolwa: 2:9. | Okulokolebwa olwekisa:. 2:8 |
| Okubikkulirwa tekumanyiddwa: 3:5 | Ekyama kibikkuliddwa: 3:3 |
| Abaana b'obujeemu: 5:6 | Abaana b'omusana: 5:8 |

   Geraageranya buli kintu Abeefeeso ky'asomesa ku ki kye tuli mu Kristo n'ekyo kye twalimu biro ebayita bye twalimu abafu mu nsobi n'ekibi.

8. Omusajja ayitibwa Tukiko ayogerwako mu Abeefeeso : 6:21-22. Zuulayo awalala byayogerwako mu Ebikolwa: 20:4, 2Timoseewo 4:12, Tito 3:12, Abakolosaayi 4:7.
9. Zuulayo ebijulira ekkumi n'ebibiri ebyogera ku Mwoyo Omutukuvu mu kitabo Kya Abeefeeso. Ebijulira mu ssuula 1-3. Laga ekyo omwoyo mutukuvu kyali ne by'akolera omukkiriza. Ebijulira mu ssuula 4-6, bitulaga ekyo kyetulina okubeerawo n'okumukolera.

# ESSUULA EY'EKKUMI

## ABAFIRIPI

**EBIGENDERERWA:**

Bw’omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w’ekitabo kya Abafiripi
- Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo kya Abafiripi
- Okulaga obukulu bw’ekitabo kya Abafiripi.
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olw’ekitabo kya Abafiripi ng’oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n’ennono y’obuweereza ey’ekitabo kya Abafiripi.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Paulo

**ERI ANI?** : Ekkanisa y'e Efiripi

**OBUKULU** : Okubakubiriza okuba obumu nga Abakristaayo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Abafiripi 2:2

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA**: Obumu mu Yes buleetawo emirembe.

**ABALIMU ABAKULU** : Paulo, Timoseewo, Epapurodiito,Kayisaali

**EKIMENYEDDWA**

1. Ennyanjula 1:1-26

A. Okulamusa: 1:1-2
   a. Okuva ewa Paulo nee Timoseewo: 1:1
   b. Eri Abatukuvu mu Yes Kristo, abalabirizi, n'abadinkoni abali e Firipi: 1:1
   c. Ekisa n'emirembe: 1:2

B. Essaala eri Abafiripi: 1:3-11
   a. Yeebaza ku lwabwe: 1:3-5
      - Ekyamusikiriza okwebaza: 1:3
      - Okwolesa okwebaza 1:4
      - Ekyaleetera okwebaza1:5
   b. Okwenyumiriza kwe mu bbo: 1:6-7
      - Engeri y'okwenyumiriza 1:6
      - Okutuukirizibwa kw'okwenyumiriza kuno:1:7

c. Okuyaayaana kwe: 1:8
d. Essaala ye gye bali: 1:9-11
- Okwagala okwo kunywezebwa mu kumanya nemukusala omusango: 1:9
- Musobole okukakasa ebintu byonna nti birungi: 1:10
- Musobole okuba n'amazima awatali musango: 1:10
- Musobole okujjuzibwa n'ebibala ebyobutuukirivu: 1:11

C. Ensonga ezoobuntu: 1:12-26
   a. Ebibaddewo ne biyamba mukubuulira enjiri: 1:12-18
      - Okusibibwa: 1:12-14
      - Okubuulira: 1:15-18
      - Essaala: 1:19
   b. Ekibuuzo ku nsonga nti kisingako okuba omulamuoba okufa: 1:19-26
      - Enjawulo y'obulamu n'okufa: 1:20-21
      - Olukubirizibwa ku bulamu: 1:22
      - Okwagala kw'okufa okuyitirivu: 1:23-24
      - Obukakafu ku kubeera abalamu ebbanga eddene: 1:25-26

2. Okukuutirwa okuba obumu: 1:27-2:18

A. Okukubirizibwa okuba abumu mu Kubonaabona: 1:27-30
   a. Okunyumya obulungi: 1:27
   b. Munywerere mu mwoyo n'endowooza emu: 1:27
   c. Nga munyiikirira wamu kulw'okukkiriza enjiri: 1:27
   d. Temuterebulwa babalwanyisa: 1:28-30

B. Obumu mu Kristo: 2:1-11
   a. Okuyita mu kweyisa obulungi: 2:1-4
      - Okwagala: 2:1-2
      - Okutabagana: 2:1
      - Okusaasira: 2:1
      - Emmeeme emu: 2:2
      - Endowooza emu: 2:2
      - Nga tewali kikolebwa mukulwanagana oba mu kitiibwa ekitaliimu naye mu bukkakkamu bwokulowooza ku balala: 2:3
      - Temutuunuulira bantu olwebyo bye balina, naye buli muntu n'ebintu ebirala: 2:4
   b. Okutulugunyizibwa kwa Kristo : Mulowooze nga bw'alowooza: 2:6-8
      - Yeeresa ekitiibwa: 2:7
      - Yafuuka omuweereza: 2:7
      - Mu kifaananyi ky'abantu: 2:7
      - Yakkakkana: 2:8
      - Yagondera okufiira ku musaalaba: 2:8
   c. Okugulumizibwa kwa Kristo: 2:9-11
      - Yagulumizibwa waggulu ennyo: 2:9
      - Erinnya erisinga amannya gonna: 2:9
      - Bulivviivilirivunnamira: 2:10

- Buli lulimi lwatule: 2:11

C. Okukula mu mwoyo kireetawo obumu: 2:12-18
   a. Mukolerenga okulokolebwa kwammwe mukutya: 2:12-13
   b. Byonna mubikole awatali kwemulugunya, mulyokemubenga temulina musango: 2:14-15
   c. Ngamubatuusaako ekigambo ky’obulamu. Olwo ndiba n’ekyokwenyumiriza: 2:16-1

3. Enteekateeka za Paulo: 2:19-30

A. Enteekateeka ze eri Timoseewo: 2:19-23
   a. Enteekateeka: 2:19
   b. Ekyaleetera enteekateeka: 2:19
   c. Ensonga z'okulondawo: 2:20-21
   d. Enkolagana ya Timoseewo ne Paulo: 2:22
   e. Ebirowoozo by'olugenda kwa Timoseewo: 2:23

B. Enteekateeka ze: 2:24

C. Enteekateeka eri Epafulodiito: 2:25-30
   a. Ensengeka y'enteekateeka: 2:2:25
   b. Okujulira kwa Epafulodiito: 2:25
   c. Ensonga y'okutumibwa kwa Epafurodiito: 2:26-27
   d. Okwanirizibwa okwokumuweebwa: 2:28-30

4. Okulabula 3:1-4:1

A. Okudda eri enjigiriza y'e Kiyudaaya: 3:1-16
   a. Essanyu lya Mukama nga ly'eribakuuma: 3:1
   b. Okukuutirwa okubalaba: 3:2
   c. Okuzuula Abayisirayiri abatuufu: 3:3
   d. Paulo bye yayitamu olw'ensonga eno: 3:4-11
      - Kw'asinziira okuba n'amalala olw'etteeka: 3:4-6
        - ✓ Yakomolebwa: 3:5
        - ✓ Naye Muyisirayiri: 3:5
        - ✓ Wa Kika ekya Benyamini: 3:5
        - ✓ Mufalisaayo: 3:5
        - ✓ Ekkanisa eyatulugunyizibwa: 3:6
        - ✓ Omutuukirivu mu tteeka: 3:6
      - Enkyusa mu mpisa ze: 3:7-11
        - ✓ Embeera y'okukyusa: 3:7
        - ✓ Ensonga y'okukyusa: 3:8
        - ✓ Ekyamuwaliriza okukyusa: 3:8-11
   e. Okunywera mu kuwakanya amateeka: 3:12-16

B. Okuwakanya abayigiriza ebikyamu: 3:17-21
   a. Embala yaabwe: 3:18
   b. Akaseera kaabwe: 3:19
   c. Okuddamu kw'abakkiriza: 3:20-21

5. Okukuutirwa: 4:1-9
   A. Obumu bwa Ewoduya ne Suntuke: 4:1-3

B. Obumu n'essanyu: 4:4
C. Obumu mu bukkakkamu: 4:5
D. Obumu mu ssaala: 4:6
E. Obumu mu mirembe: 4:7
F. Obumu mu ebirowoozo: Okulowoozanga obulungi: 4:8
    a. Ebyamazima
    b. Ebissibwamu ekitiibwa
    c. Ebituufu
    d. Ebirongoofu
    e. Ebyagalibwa
    f. Ebyogerwako obulungi
    g. Eby'omuwendo
    h. Eby'ettendo
G. Obumu mu kumanya ne mu bikolwa: 4:9

6. Okwebaliza ekirabo Kyabwe: 4:10-20
    A. Ekyama mu kuba abamativu: 4:10-13
        a. Okwebaza olw’ekirabo 4:10
        b. Obutajulira ku kantu gonna: 4:11
        c. Okunnyonnyola ekyama Kye: 4:11-12
        d. Ensibuko y’amaanyi ge: 4:13
    B. Ekyama ky'obugabirizi: 4:14-20
        a. Okwebaliza ekirabo: 4:14
        b. Okwejjukanya ku bye baakola: 4:15-16
        c. Endowooza ye ku birabo: 4:17
        d. Okufuna kw'ekirabo: 4:18
        e. Ekyama ky'obugabirizi: 4:19-20
7. Okusiibula: 4:21-23
    A. Okulamusa abatukuvu ba Yes Kristo: 4:21
    B. Abooluganda ne Paulo babalamusaako: 4:21
    C. Abatukuvu benju ya Kayisaali babalamusaako: 4:22
    D. Ekisa kibeere nammwe: 4:23

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Abafiripi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Abafiripi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Abafiripi kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Abafiripi.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abafiripi.

……………………………………………………………………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………………

……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ku bigambo ebikulu: Okujaguza n'essanyu birabikako emirundi kkumi na munaana mu Kitabo.
2. Eno yengeri endala eyokusoma Abafiripi.

| **Essuula.** | **Olunyiriri.** | **Omulamwa.** |
|---|---|---|
| 1. | 21. | Obulamu bw'omukkiriza |
| 2. | 5. | Endowooza y'omukkiriza |
| 3. | 10. | Ekiruubirirwa ky'omukkiriza |
| 4. | 13. | Amaanyi g'omukkiriza |

3. Ekkanisa ye Firipi yatandikibwawo lwa kwolesebwa Paulo kwe yafuna. Soma ku kino mu Ebikolwa 16:8-10
4. Abafiripi kinnyonnyola egimu ku mirembe egyogerwako mu Baibuli. Emirembe ne Katonda egifunibwa buli mukkiriza gyogerwako mu Abaruumi 5:1. Emirembe gya Katonda eri Abakkiriza bonna egyogerwako mu Abafiripi 4:7.
5. Katonda yakola ebyekitalo muvbulamu bwababkkiriza abasatu mu kkanisa ye Firipi:
    - Omulaguzi Omuyonaani: 16:16-18
    - Omukazi omutunzi: 16:13-15
    - Ow'ekkomera Omuruumi: 16:19-20
6. Weetegereze ebigendererwa bya Paulo mu ssuula 3
    - Nsobole okufuna: 8
    - Nsobole Okumanya: 10
    - Nsobole okutuuka: 11
    - Nsobole okweyongerayo: 12
7. Leeta Paulo bye yatuukiriramu mu by'ensi: 3:8-12
8. Soma Abafiripi 1:12-21. Leetayo Engeri ez'enjawulo enjiri gye yakulaakulanamu.
9. Leetayo ebissibwamu ekitiibwa egyogerwako mu Abafiripi 4:8

# ESSUULA EYEKKUMI N'EMU

## ABAKOLOSAAYI

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'ekitabo kya Abakolosaayi.
- Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo kya Abakolosaayi.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo kya Abakolosaayi.
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abakolosaayi ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza ey'ekitabo kya Abakolosaayi.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Paulo

**ERI ANI?** : Abakkiriza be Kolosaayi abaalina okugabanako nabakkiriza be Lawodeesiya.

**OBUKULU** : Okutereeza ensonga y'enjigiriza eyali mu kkanisa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Abakolosaayi 3:1-3

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA**: Kristo ye byonna mu byonna.

**ABALIMU ABAKULU** : Paulo, Tukiko, Anesimaasi, Arisitaku, Makasi, Jusito, Epafula, Lukka, Demasi, Ninfa, Akipa

**EKIMENYEDDWA**

1. Ennyanjula: 1:1-14
    A. Okulamusa: I:1-2
        a. Okuva ku Paulo ne Timoseewo: 1:1
        b. Eri Abatukuvu era abooluganda abeesigwa mu Kristo Ab'e Kolosaayi: 1:2
        c. Ekisa n'emirembe okuva ewa Katonda ne Yesu: 1:2
    B. Okwebaza: 1:3-8
    C. Essaala ya Paulo eri Abakristaayo b'e Kolosaayi: 1:9-14
        a. Okweyongerayo: 1:9
        b. Ng'ayagala babe nga bajjuzibwa amagezi g'okwagala kwe mu magezi gonna n'okutegeera :1:9

b. Basobole okutambula nga basaanidde my mukama 1:10
c. Basobole okubala mu buli mulimu omulungi gee baakola 1:10
d. Basobole okweyongerayo mu kumanya Katonda: 1:10
e. Basobole okunywezebwa nga bwe basobola mu kugumiikiriza ne mu Kubonaabona mu ssanyu: 1:11
f. Okwebaza kuweebwe kitaffe: 1:12-13
    - Tusobole okuba ekitundu ku balisikira abatukuvu mu kitagaala: 1:12
    - Okutununula mu maanyi g'ekizikiza: 1:13
    - Okututwala mu bwakabaka bw'omwana we:1:13

2. Yesu n'omulimu gwe: 1:15-23
    A. Mukama w'ebitonde: 1:15-17
        a. Okugeraageranyizibwa ku ntadikwa: 1:15-16
        b. Okugeraageranyizibwa ku kweyogerayo: 1:17
    B. Mukama w'ekkanisa: 1:18-19
        a. Omutwe gwomubiri: 1:18
        b. Entandikwa: 1:18
        c. Ye mubereberye mukuzuukira: 1:18
        d. Ye mubereberye mu byonna: 1:18
        e. Mu ye byonna mwebiri: 1:19
    C. Omutabaganya: 1:20-23
        a. Yaleetawo emirembe okuyita mu musaayi gwe yayiwa: 1:20
        b. Atabaganyizza ebintu byonna naye, byonna ebiri munsi ne mu ggulu: 1:20
        c. Abeeyawulako olw'ebikolwa ebibi: 1:21
        d. Olwokufa kwe twanjulibwa: 1:22
            - Mutukuvu
            - Taliiko Kya kinenyezebwa
            - Taliiko kamogo gonna mu maaso ge.
        e. Tuteekwa okweyongerayo mu kukkiriza: 1:23
            - Abanywevu: 1:23
            - Tetusagaasagana: 1:23
            - Abataggibwa mukusuubira kw'enjiri gye mwafuna: 1:23
                - ✓ Nga tuwulirwa
                - ✓ Ebuulirwe eri ebitonde byonna.
                - ✓ Paulo mwe yafuulibwa omuweereza

3. Paulo omuweereza w'okutabagana: 1:24-2:7
    A. Okubonaabona: 1:2
        a. Mu mubiri
        b. N'ekiruubiriwa eky'omwoyo.
    B. Omuweereza wekyama Kya Kristo: 1:25-29

a. Ebyaliwo mu buweereza bwe: 1:25
b. Obubaka bw'obuweereza bwe: 1:26-27
   - Ekyama Kya Katonda: 1:26-27
   - Yesu yennyini: 1:27
c. Obukodyo bw'obuweereza bwe: 1:28
   - Okubuulira.
   - Okulabula.
   - Okusomesa.
d. Ekiruubirirwa kyobuweereza: Okulaga obutuukirivu bwa buli muntu mu Yesu: 1:28
e. Amaanyi agali emabega w'obuweereza bwe: Mu kufuba olw'amaanyi ge gaakoleramu: 1:29

C. Yaayaanira obumu n'obutebenkevu mu Kristo: 2:1-7

a. Alafuubanira bakkiriza: 2:1
   - E Kolosaayi
   - E Lawodeekiya
   - Eri about baatannalaba.
b. Abantu baalafuubanira: Katonda kitaffe ne Kristo: 2:2
c. Ekiruubirirwa Kyokulafuubana kwa Paulo: 2:2-7
   - Emitima gyabwe gizzibwemu amaanyi: 2:2
   - Babeere wamu mu kwagala: 2:2
   - Mu bugagga bw'okukakasibwa olw'okutegeera: 2:2
   - Basobole okutegeera obugagga bw'okuba n'amagezi n'okumanya ebyakwekebwa mu Kristo 2:3
   - Okubaziyiza okutwalibwa ebigambo ebikyamuukiriza: 2:4
   - Basobole okunywera mu kukkiriza: 2:5
   - Basobole okutambulira mu Kristo: 2:6
   - Basimbibwe mu ye: 2:7
   - Bazimbibwe mu ye: 2:7
   - Banywerere mu kukkiriza nga be baayigirizibwa: 2:7
   - Babeere mu ye n'okwebaza: 2:7

4. Obuyinza bwa Kristo ku njigiriza enkyamu: 2:8-3:4

   A. Mukama wa buli maanyi: 2:8-10
      a. Ekifirosoofa: 2:8
      b. Ebitaliimu nsa ebyobulimba: 2:8
      c. Abantu bye bayigiriza: 2:8
      d. Eby'ensi ebitaliimu Kristo: 2:8
         - Mu ye mwe muli obwa katonda bwonna: 2:9
         - Mwajjuzibwa mu ye: 2:10
         - Yakulira ab'obuyinza bonna n'abamasaza: 2:10

   B. Obulamu obupya: 2:11-14
      a. Okukomolebwa kw'omutima: 2:11
      b. Twaziikibwa wamu naye mu kubatizibwa: 2:12
      c. Twazuukira wamu naye mu kukkiriza: 2:12

d. Ebibi byonna byasonyoyibwa: 2:13
e. Nga tweresa endagaano ezitulwanyisa: 2:14

C. Eyawangula amaanyi n'abobuyinza: 2:15
a. Yabyonoona: 2:15
b. Yabaswaza mu lwatu: 2:15
c. Yabiwangula byonna: 2:15

D. Enkola ezigaana obuyinza bwa Kristo: 2:16-3:4
a. Obulombolombo : 2:16-17
- Ennyama: 2:16
- Okunywa: 2:16
- Ennaku enkulu: 2:16
- Omwezi ogwakaboneka: 2:16
- Ssabbiiti: 2:16

b. Okusinza kwa bamalayika: Omuntu akola kino aba: 2:18-19
- Okuyingirira ebintu by'atalabye: 2:18
- Ng'azingiddwako endowooza ey'omubiri: 2:18
- Obutatwala Kristo nga ye mutwe: 2:19

✓ Omubiri mwe guliisibwa
✓ Atugatta awamu mu kwagala
✓ Mwe tukulira nga Katonda bw'ayagala tukule

d. Okugondera emisambwa gy'ensi: 2:20

- Tetulina kugigondera: 20:20
- Byegifaako: 2:21
- Amateeka n'enjigiriza z'abantu: 2:22
- Byakungulu ebirabika: 2:23
  - ✓ Okwa magezi mu kwagala okusinza
  - ✓ Obugonvu.
  - ✓ Okweresa ebyomubiri.
  - ✓ Okutali kwa kitiibwa ekyokumatiza omubiri

5. Ebyensi ebisanyusa nga byakaseera buseera: 3:1-4

- Noonya ebintu ebyo waggulu: 3:1
- Mutunuulire ebyo ebiri waggulu, so si ebiri ku nsi: 3:2
- Kino kisoboka olw'obumu bw'olina mu Kristo: 3:3
  - ✓ Ekyayita: Wazuukizibwa ne Kristo: 3:3
  - ✓ Ekiriwo: Okwekeddwa mu Kristo mu Katonda: 3:3
  - ✓ Ekirijja: Kristo bw'alirabikako, naawe olirabikako naye mu kitiibwa: 3:4

6. Obuyinza bwa Kristo n'obulamu bw'obukristaayo: 3:5-4:6

A. Tuvunaanyizibwa ku kufuga okwegomba kw'emibiri gyaffe: 3:5
B. Obusungu bwa Katonda bujja olw'abo abagaana okugonda ne batambulira mu kwegomba kuno: 3:6
C. Mu biro ebyayita, twatambulira mu ngeri enkyamu naye kati tubyeggyeeko: 3:7-8
D. Obulamu obukadde obw'okweyambula: 3:5-9

a. Obukaba: 3:5
b. Obutali butukuvu: 3:5
c. Okwegomba okw'ensonyi: 3:5
d. Omululu: 3:5
e. Okwegomba okusinza ebitali Katonda: 3:5-7
f. Okunyiiga: 3:8
g. Obusungu: 3:8
h. Okutulugunya: 3:8
i. Akamanyiiro: 3:8
j. Okwogera ebitasaanidde n'emimwa gyo: 3:8
k. Obulimba: 3:9

E. Obulamu obw'okwambala obupya: 3:10-17
a. Omuntu omupya: 3:10

- Oluvannyuma lw'okuzzibwa obuggya olw'okumanya okw'ekifaananyi kye mwe yatondebwa: 3:10
- Mu ye temuli njawukana: 3:11
  - ✓ Omwoyo ogwokusaasira: 3:12
  - ✓ Ekisa: 3:12
  - ✓ Obukkakkamu mu ndowooza: 3:12
  - ✓ Obuwombeefu: 3:12
  - ✓ Okubonaabona: 3:12
  - ✓ Okusonyiyibwa: 3:13
  - ✓ Okuzibiikiriziganga: 3:13
  - ✓ Okukola ebyokwagala: 3:14
  - ✓ Emirembe gya Katonda: 3:15
  - ✓ Obumu mu mubiri: 3:15
  - ✓ Okwebaza: 3:15
  - ✓ Ekigambo kya Katonda nga kiri mu ggwe: 3:16
    - Mu magezi gonna
    - Okusomesa
    - Okubuuliragananga mu Zabuli, ebikwate n'ennyimba ez'omwoyo.
  - ✓ Ebikolwa ebirungi: 3:17
    - Mu bigambo ne mu bikolwa
    - Okukolebwa mu linnya erya Yesu
    - Okwebaza Katonda

F. Embeera ez'enjawulo: 3:18-4:6
a. Amaka: 3:18-21

- Abakazi: 3:18
- Abasajja: 3:19
- Abaana: 3:20
- Bataata: 3:21

b. Enkolagana ezookumirimu: 3:22, 4:1

- Bagondere ababakozesa: 3:22
- Nga baweereza eri Kristo: 3:22
- Abakozesa balina okutwala abantu be bakozesa mu ngeri y'emu: 4:1

c. okuluɧɧamizibwa: 3:23-25

- Byonna mubikolere Katonda so si eri abantu: 3:23
- Manya nti oweereza Mukama era ewuwe y'eriva empeeraayo: 3:24
- Manya nti abo b'okola obubi bafuna okubeerwa okuva ewa Katonda: 3:25

7. Ebiragiro ebisembayo: 4:2-6
   A. Obukulu bw'essaala: 4:2-4
      a. Kyabuvunaanyizibwa okweyongerayo mu ssaala: 4:2
      b. Okutunula n'okwebazanga: 4:2
      c. Okusabira enzigi zeggule olw'okubuulira enjiri: 4:3-4
   B. Obukulu bw'okujulira: 4:5-6
      a. Okutambula obulungi mu magezi: 4:5
      b. Okukozesa obudde obulungi: 4:5
      c. Okwogera obulungi: 4:6

- N'ekisa
- Nga mulina ensa.
- N'okumanya engeri y'okuddamu buli muntu

8. Okufundikira: 4:7-18
   A. Okulamusa kwe: 4:7-17
      a. Abaalina ebbaluwa: 4:7-9

- Tukiko: 4:7-9
- Oneezimaasi: 4:9

b. Okulamusa okuva eri banne: 4:10-14
c. Okulamusa ab'e Lawodeciya n'ekiragiro ky'okuba nga basoma ebbaluwa: 4:15-16
d. Obubaka obw'enjawulo eri Akipo: 4:17

B. Okulamusa: 4:18
   a. Mu mukono gwa Paulo
   b. Okubasaba okujjukira obusibe bwe.
   c. Okusaasira kubeere nammwe.

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Abakolosaayi.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Abakolosaayi.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Abakolosaayi kyawandiikirwa ani?
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Abakolosaayi.
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abakolosaayi.

……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma Abakolosaayi 3:2-17. Kola olukalala lw'ebintu abakkiriza bye balina "okweyambula" n'ebyo bye balina "okwambala" mu bulamu obw'omwoyo.
2. Soma Abakolosaayi 3:18-25. Ebintu bino byogera ku bantu ab'enjawulo mu kkanisa. Leetayo ebiragiro ebiweebwa abakazi, abasajja, abaana n'abantu.
3. Ekitabo ky'Abakolosaayi kisomesa ebintu bingi ku Yesu. Soma mu kitabo owandiike ennyiriri ezoogera ku Yesu era ofunze by'omuyigako mu buli lunyiriri.
4. Abakolosaayi ky'ekimu ku bintu by'endagaano empya ebibiri ebirina ekiragiro eri ekkanisa ekyokuwanyisanga n'okusoma ebbaluwa eri enkuŋŋaana. Geraageranya Abakolosaayi 4:16 ku Abasessaloniika 5:27
5. Abakolosaayi ne Abaefeeso bikwatagana. Mu Abaefeeso Paulo annyonnyola ku mubiri gwa Kristo, ekkanisa. Mu Abakolosaayi awandiika ku mutwe gw'omubiri, Kristo. Omugatte gw'ennyirri nsanvu mu munaana ku ezo ekyenda mu ttaano eziri mu Abakolosaayi kumpi zifaanagana n'eziri mu Abaefeeso. Soma era ogeraageranye ebitabo bino byombiriri.
6. Soma Abakolosaayi 1:12-22. Waliyo ebintu ebyobukozi ebyogerwako musanvu, era bye bino:

- Obusika: Abaatwala obusika bw'abatukuvu mu kitangaala: 12
- Okusumululwa: Eyatusumulula mu maanyi ag'ekizikiza: 13
- Okukyusibwa: Era atukyusiza eri obwakabaka obw'omwana olw'okwagala kwe: 13
- Okununulibwa: Mu ye mwe twafunirwa okununulibwa okuyita mu musaayi gwe: 14
- Okusonyiyibwa: N'okusonyiyibwa ebibi: 14
- Okutabagana: Era atutabaganyiza: 21
- Okufuulibwa: Okukuwaayo ng'oli mutukuvu awatali yadde ekyokunenyezebwa mu maaso ge: 22

# ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI

## 1 NE 2 ABASESSALONIIKA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'ebitabo bya 1 ne 2 Abasessaloniika.
- Okuzuula eyawandiikirwa ebitabo bya 1 ne 2 Abasessaloniika.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo bino.
- Okuwandiika ennyiriri enkulu ez'ebitabo bya 1 ne 2 Abasessaloniika ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza eby'ebitabo bya 1 ne 2 Abasessaloniika.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Paulo.

**ERI ANI?** : Eri abakkiriza b'e Sessaloniika.

**OBUKULU** : Okukasa nti Mukama akomawo. Okukakasa okuluŋŋamya ku kukkiriza wamu n'okutereeza enjigiriza enkyamu. Paulo era addamu ebikyamu ebyayogerwa ku buweereza bwe.

**ENNYIRIRI EKKULU** : 1 Abasessaloniika: 4:16-18

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Okubeerwa kulina kutunuulirwa mu ssuubi ery'ekitiibwa eryokudda kwa Yesu Kristo.

**ABALIMU ABAKULU** : Paulo, Silivano, Timoseewo.

**EKIMENYEDDWA**

1. Ennyanjula: 1:1
   A. Okuva owa Paulo, Silivano, ne Timoseewo.
   B. Eri: Abakkiriza b'e Ssesaloniika.
   C. Ekisa n'emirembe gya Katonda ne Yesu: 1:1
2. Okutunula emabega: 1:2-3:13

A. Okukyusibwa eri Kristo nga ekyokulabirako: 1:2-10
   a. Amaanyi g'enjiri: 1:2-5
   b. Ebyokulabirako by'enjiri: 1:5-6
- Abakkiriza b'e Ssesaloniika baatwala ekyokulabirako kya Paulo: 1:5-6
- Baafuuka ebyokulabirako eri abakkiriza abalala: 1:7
   c. Abajulira enjiri: 1:8-10
- Okukkiriza kw'abakkiriza b'e Ssesaloniika kwabuna wonna: 1:8
- Okujulira kwabwe kwali ku njiri ey'amazima: 1:9-10

B. Okubuulira enjiri okwekyokulabirako: 2:1-20

a. Mu kiruubirirwa: 2:1-6

- Si kwa bwereere: 2:1
- N'obuvumu: 2:2
- Si mu bukuusa, obutali butukuvu, oba obutabaamu bulimba: 2:3
- Okusanyusa Katonda so si abantu: 2:4
- Obutaba bwa bigambo bya kusikiriza: 2:5
- Si bwa kuluvubanira: 2:5
- Tekunoonya kitiibwa kya bantu: 2:6

b. Mu nneeyisa: 2:7-11

- Obukkakkamu: 2:7
- Ng'omusawo w'abaana: 2:7
- Mu kwagala: 2:8
- Mu kufuba ennyo: 2:9
- N'empisa ennungi: 2:10
- Nga taata n'abaana: 2:11

c. Mu bubaka: 2:12-13

- Ng'otambula osaanidde mu Katonda: 2:12
- Nga kusinziira ku kigambo kya Katonda: 2:13

d. Mu kwaniriza: 2:13-16

- Embeera y'okwanirizibwa kwabwe mu kigambo: 2:13
- Ebyava mu kwanirizibwa kwabwe mu kigambo: 2:14-16
  - ✓ Baatandika okukoppereza eby'ekkanisa y'Abayudaaya: 2:14
  - ✓ baakuɧɧaanya olw'okubonaabonera ekigambo: 2:14-16

C. Ekyokulabirako ekyokulondoola ababa bakyusiddwa: 3:1-13

a. Ekyokufaako: 3:1-5

- Ekibasindikiriza: 3:1
- Okutumibwa kwa Timoseewo: 3:2
- Okunnyonnyola kw'oyo eyatumibwa: 3:2
  - ✓ Muganda waffe.
  - ✓ Omuweereza.
  - ✓ Mukozi munnaffe mu kubuulirwa enjiri.
- Obukulu bw'okutuma Timoseewo: 3:2-4
  - ✓ Okubasimba: 3:2
  - ✓ Okubagumya: 3:2
  - ✓ Okubazzaamu amaanyi wadde waliwo wadde waliwo ebisomooza: 3:3-4
  - ✓ Okubakuuma eri ebikemo: 3:5
  - ✓ Okukuuma omutima gwabwe: 3:5

b. Engeri y'okulondoolamu: 3:6-8

- Ebyali mu alipoota ya Timoseewo: 3:6
- Ebyakolebwa olwa alipoota ya Timoseewo: 3:7-10
  - ✓ Okugumya n'okuzzaamu amaanyi: 3:7-8

- ✓ Okwebaza n’okusaba: 3:9-13

3. Okutunuulira ebyomumaaso: Enneeyisa y’omu kitangaala olw’okudda kwa Mukama: 4:1-5:24

F. Enneeyisa ya Katonda ennungi: 4:1-2

G. Okutukuza: 4:3-8

a. Okwasinzirwanga okutukuzibwa: kuba kwagala kwa Katonda: 4:3

b. Engeri y’okutukuzibwa: 4:3-8

- Okweresa ebyobukaba: 4:3-5
- Okweresa okuyingirira owooluganda: 4:6

C. Ensonga z’okweyisa obulungi: 4:6-8

a. Ekibi kireetera Katonda okuwolera eggwanga: 4:6

b. Enneeyisa ennungi essa kimu n’okuyitibwa kwa Katonda: 4:7

c. Okugaana okweyisa obulungi oba ogaanye Katonda: 4:8

D. Okwagalana ng’abooluganda: 4:9-10

a. Okukakasibwa kw’okwagala kwabwe: 4:9

b. Okukubirizibwa okweyongerayo n’okwagala: 4:10

E. Okubeera ab’omugaso: 4:11-12

a. Yiga okubeera omusirise: 4:11

b. Kola mirimu gyo: 4:11

c. Kola n’engalo zo: 4:11

d. Tambulira mu mazima eri abatannakkiriza: 4:12

F. Ebiragiro ebikwata ku kufa mu Kristo: 4:12-18

a. Obwetaavu bw’ebiragiro ebituufu: 4:12-13

b. Enkolagana y’abaafa ku kudda kwa Kristo: 4:14-15

- Abaafira mu Mukama bajja kudda naye: 4:14
- Abalamu tebajja kusukkuluma ku baafiira mu Kristo: 4:15

c. Engeri n’ebiriva mu kujja kwa Kristo: 4:16-17

- Engeri y’okujja kwe: 4:16
- Ebiva mu kujja kwe: 4:16-17
  - ✓ Abaafa be bajja okusooka okuzuukizibwa: 14:16
  - ✓ Abalamu bakwakulibwe: 4:17
  - ✓ Abakkiriza babeere ne Kristo lubeerera: 4:17

d. Okugumya okuli mu bigambo bino kubeere nga kuteekebwa mu nkola eri abakkiriza: 4:18

G. Okutunula nga balindirira okudda kwa Mukama: 5:1-11

a. Ekiseera ky’okudda kwe tekimanyikiddwa: 5:1-2

- Obutayagala bwabwe kulagirwa: 5:1
- Okumanya kwabwe ku ngeri y’okujja kwe: 5:2

b. Ebiva mu butamanya buno eri abo abateetegese: 5:3

c. Ekibaawo olw’obutamanya buno eri abakkiriza: 5:4-11

- Beera mwetegefu: 5:4
- Tambulira mu kitangaala: 5:5
- Teweebakira mu mwoyo: 5:6

- Tunula: 5:6
- Beera ngatotamidde: 5:6-8
- Teekako ekyokukifuba nga kwe kukkiriza n’okwagala: 5:8

    d. Okukakasa abakkiriza: 5:9-11

- Baalondebwa olw’okulokolebwa so si kusunguwala: 5:9-10
- Okugumya n’okuyigiriza olw’essuubi lino: 5:11

H. Enkolagana mu kkanisa: 5:12-15

   - Yalina ebisaanyizo by'obukristaayo ebirungi ebiragibwa mu:
     Kwagala: 1:5
     Kukkiriza: 1:5
     Okwatula okukkiriza kwe: 1:6
     Okuwawula abatukuvu: 1:7
     Nga musabi: 1:22
   - Yakyalirangako n'abaali mu makomera kuba Paulo yamugamba amulamusize Epafula, eyali musibe munne mu kibuga kye: 1:23
2. Bintu bingi ebiyigirwa ku Paulo:
   - Yali musibe: 1:1
   - Yali musajja musabi: 1:4
   - Yabanga musanyufu yadde waaliwo embeera enzibu: 1:7
   - Teyamalanga gakwata bantu olwenkolagana ye wadde yali asobola okukikola: 1:8-9, 13-14, 19
   - Yali azaala mu mwoyo ne bwe yali mu kkomera: 1:10
   - Yali teyeeyagaliza yekka: 1:13-14
   - Yali musajja wa kwagala: 1:18-19
   - Yali musajja wa kukkiriza: 1:22
   - Yali musajja eyayagala enkolagana: Oneezimo, Firemooni n'abalala balamusa mu ssuula.
3. Wandiika olukalala lw'ebintu by'oyiga ku Oneezimo mu ssuula eno:

# ESSUULA EYEKKUMI N'OMUKAAGA

## ABAEBBULANIYA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

1. Okulaga omuwandiisii w'ekitabo kya Abaebbulaniya.
2. Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo kya Abaebbulaniya.
3. Okulaga obukulu bw'ekitabo kya Abaebbulaniya.
4. Okuwandiika olinyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abaebbulaniya ng'oluggya mu mutwe gwo.
5. Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza eby'ekitabo kya Abaebbulaniya.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Paulo.

**ERI ANI?** : Abayudaaya (Abaebbulaniya) abakkiriza

**OBUKULU** : Okubalaga Yesu nti yasinga bonna.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Abaebbulaniya 8:6

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Yesu ye mutabaganya ow'endagaano esinga eyakolebwa ku bisuubizo ebisingayo obulungi.

**ABALIMU ABAKULU** : Paulo, Ibulayimu, Musa, Alooni, Melukizedeki, era laba n'olukalala lw'amanya amalala mu Abaebbulaniya 11

**EKIMENYEDDWA**

Omwegayirizi asingayo: Yesu asinga ku bannabbi: 1:1-4

A. Okubikkulirwa kwa Katonda mu bannabbi eri bataata: 1:1
   a. Mu biro eby'enjawulo
   b. Mu ngeri ez'enjawulo
B. Okubikkulirwa kwa Katonda mu mwana we: 1:2-4
   a. Kati Katonda ayogeredde mu Kristo: 1:2
   b. Obufuzi bwonna bwaweebwayo eri omwana: 1:2
   c. Omulimu gwa Kristo ogw'okununula guwedde: 1:3-4

2. Omutabaganya asingayo: 1:3-2:18

A. Obusukkulumu bwa Kristo ku malayika bweyoleka ku ndagaano enkadde: 1:5-14
   a. Olw'obusika
   b. Olw'erinnya.

B. Obusukkulumu bwa Kristo ku malayika bweyoleka mu ndagaano enkadde: 1:5-14
   a. Malayika: 1:5-7
   b. Omwana Yesu Kristo: 1:8-12
   c. Malayika: 1:13-14
C. (Ekisooka) Ekitundu ekirabula: 2:14
   a. Okukuutirwa: 2:1
   b. Ekyokulabirako eky'endagaano enkadde: 2:2
   c. Obuvunaanyizibwa obuliwo ku kulabulwa kuno: 2:3-4
D. Obusukkulumu bwa Kristo ku Malayika tebukontana naye ng'omuntu: 2:5-8
   a. Malayika: 2:5
   b. Omwana: 2:6-8
E. Obusukkulumu bwa Kristo tebukontana na kubonaabona kwe: 2:9-18
   a. Okubonaabona kwali kwetaagisa asobole okuggyayo obulungi ekifaananyi kye ng'omuntu: 2:9-13
   b. Okubonaabona okutuusa okufa kwali kwetaagisa okusaanyawo omubi: 2:14
   c. Okubonaabona kwali kwetaagisa olw'okununulibwa kw'abantu abakkiriza: 2:15-16
   d. Okubonaabona kwali kwetaagisa okutuukiriza Yesu nga Kabona asingayo ow'okusaasira: 2:17-18

3. Omutandisi asingayo: Kristo ye asinga ku Musa: 3:1-4:13

A. Kristo ne Musa: Okugeraageranya: 3:1-6

a. Musa ne Kristo bombi baali beesigwa eri Katonda: 3:1-2
b. Kristo ye muzimbi w'enju: Musa yali kitundu ku nju: 3:3-4
c. Kristo ye mwana mu nju: Musa yali muddu buddu mu nnyumba: 3:5-6

B. (Ekyokubiri) Ekitundu ekirabula: 3:7-4:13

a. Okukuutirwa: 3:7-8
b. Embeera y'omuddungu: 3:8-11
   - Endowooza z'Abayisirayiri: 3:8-9
   - Okuddamu kwa Katonda: 3:10-11
c. Okulabula eri obutakkiriza: 3:12-19
   - Okulabula: 3:12
   - Okuddamu kw'abakkiriza eri okulabula kuno: 3:13
   - Ekyabasikiriza okuddamu: 3:14
   - Ekyokulabirako ekya Isirayiri: 3:15-19
d. Okulabula eri obutafuna kuwummula mu Katonda: 4:1-13
   - Okulabula: 4:1-2
   - Okuwummula: 4:3-5
   - Obutawummula: 4:6-8
   - Okuwummula mu Katonda: 4:9-11
   - Okukakasibwa kw'okulabula kw'ekigambo n'okumanya kwa Katonda: 4:12-13

4. Kabona asinga: Yesu asinga ku Alooni: 4:14-7:28

A. Yesu ye kabona asinga: 4:14-16
B. Obwakabona bwa Alooni: 5:1-4

C. Obwakabaka bwa Yesu: 5:5-10

D. (Ekyokusatu) Ekitundu ekirabula: 5:11-6:20
   a. Okunenya olw'obutakula mu mwoyo: 5:11-14
   b. Okuzzibwamu amaanyi ku by'okukula mu mwoyo: 6:1-3
   - Okusukkuluma ku nnono egy'omusingi: 6:1-2
      - ✓ Okwenenya ebikolwa ebireeta okufa: 6:1
      - ✓ Okukkiriza eri Katonda: 6:1
      - ✓ Enjigiriza ku kubatizibwa: 6:2
      - ✓ Okussaako emikono: 6:2
      - ✓ Okuzuukira kw'abafu: 6:2
      - ✓ Okusalirwa omusango okwolubeerera: 6:2
   - Weeyongere eri obutukirivu: 6:1, 3
   c. Okulabula ku biva mu kuva mu kukkiriza: 6:4-8
   - Okunnyonnyola okuva mu kukkiriza: 6:4-6
   - Ebiva mu kuva mu kukkiriza: 6:4, 6
   - Ensonga y'ebivaamu: 6:6
   - Ekyokulabirako ekirabwako: 6:7-8
   d. Okujjukizibwa ku kumanya ebisuubizo bya Katonda: 6:9-20
   - Okusikirizibwa: 6:9
   - Obwesigwa bwa Katonda: 6:10
   - Okuddamu kw'abakiriza: 6:11-12
   - Ekyokulabirako ku kumanya ebisuubizo bya Katonda: 6:13-20
      - ✓ Ibulayimu: 6:13-15
      - ✓ Ekiragiro; 6:16-17
      - ✓ Okukakasa obwesigwa bwa Katonda eri ekigambo kye: 6:18-20

E. Obwakabona obwa Merekizedeki: 7:1-28
   a. Ekinnyonnyola eky'awamu: 7:1-3
   b. Merekizedeki ne Ibulayimu: 7:4-10
   c. Obwakabona bw'a Baleevi: 7:11-13
   d. Obwakabaona obupya: 7:14-19
   e. Obwakabona obuli wansi w'etteeka: 7:18-21
   f. Obwakabona obw'endagaano empya: 7:22-27
   g. Okufunza ekisomesebwa: 7:28

5. Obuweereza obusingayo: Endagaano ebbiri: 8:1-10:18

A. Ennyanjula: 8:1-6
   a. Okufunza ebisomeseddwa: 8:1-2
   b. Obuweereza bwa Kabona asingayo: 8:3-5
   c. Obuweereza obusingayo: 8:6

B. Endagaano ebbiri: 8:7-13
   a. Endagaano esooka (enkadde): 8:7-8
   b. Endagaano eyookubiri (empya): 8:8-12
   - Eyagikola: 8:8

- Endagaano: 8:9-12
    c. Enjawulo wakati w'endagaano empya n'enkadde: 8:13

C. Enkola ey'endagaano eyasooka: 9:1-10
    a. Weema: 9:1-5
    b. Obuweereza bwa Kabona asinga: 9:6-10

D. Enkola ey'endagaano empya: 9:11-10:18

a. Okunnyonnyola okw'awamu: 9:11-12
    - Weema: 9:11
    - Obuweereza bwa kabona asingayo: 9:11-28
        - ✓ Omutango gw'ekibi: 9:12-22
        - ✓ Mu ggulu: 9:23-28

b. Enjawulo eri wakati w'endagaano enkadde n'empya: 10:1-18

6. Ebikosebwa olw'okukkiriza: Enkola eyogerwako: 10:19-13:17

A. Kozesa enkola empya okujja eri Katonda: 10:19-31

a. Semberera okukkiriza: 10:19
    - N'obuvumu: 10:19
    - Okuyita mu kkubo eppya era eddamu: 10:20
    - Mu kabona asinga yo (Yesu): 10:20-21
    - N'omutima omutuufu: 10:22
    - N'emitima gyaffe nga gibunye endowooza etali ya kibi: 10:22
    - N'emibiri gyaffe nga gitukuzibwa n'amazzi amatukuvu: 10:22

b. Okunywerera mu kukkiriza: 10:23

c. muzzeɧɧanengamu amaanyi mu kukkiriza: 10:24-25
    - Okusendebwa eri okwagala n'ebikolwa ebirungi: 10:24
    - Temulekangayo kukuɧɧaana: 10:25
    - Buli omu agumye munne: 10:25

B. (Ekyokuna) Ekitundu ekirabula:10:26-31

a. Okulabula: 10:26-27

b. Ekyokulabirako ky'endagaano enkadde: 10:28

c. Embeera eriwo: 10:32-34

C. Jjukira ebyayita: 10:32-34

D. Munywerere ku buvumu bwammwe: 10:35

E. Mubeere n'obugumiikiriza: 10:36-37

F. Mubeereewo olw'okukkiriza: 10:38-11:40

a. Ekiragiro ky'okubaawo olw'okukkiriza: 10:38-39

b. Okunnyonnyola kw'okukkiriza: 11:1

c. Ebyokulabirako by'okukkiriza: 11:4-38
    - Abeeri: 11:4
    - Enoka: 11:5-6
    - Nuuwa: 11:7
    - Ibulayimu ne Sara: 11:8-19
    - Isaaka: 11:20

- Yakobo: 11:21
- Yozefu: 11:22
- Musa: 11:23-29
- Yoswa (Yeriko): 11:30
- Lakabu: 11:31
- Ebyokulabirako by’okukkiriza ebirala: 11:32-38

6. Abaafuna ekisuubizo ky’okukkiriza mu Yesu Kristo: 11:39-40

G. Mugumire okubonaabona n’okukangavvulwa: 12:1-29

a. Ebyokulabirako by’okubonaabona: 12:1-3
   - Enkuyanja z’abo abaasookayo (Abajulizi): 12:1
   - Yesu: 12:2-3
b. Okunnyonnyola kw’okubonaabona: 12:4-11
   - Okweyongera kw’okugaana eri ekibi: 12:4
   - Katonda ayagala abo b’akangavvula ng’abaana be: 12:5-7
   - Abo bokka abatali baana b’atakangavvula: 12:8
   - Okugeraageranya n’ekyokulabirako kya bataata b’okunsi: 12:9-10
   - Ebiva mu kukangavvula: 12:11
     - ✓ Okukangavvulirawo si kulungi.
     - ✓ Oluvannyuma kuleetawo ebibala mu mirembe eby’obutuukirivu
c. Okuddamu kw’abakkiriza eri okubonaabona: 12:12-17
   - Yimusa emikono waggulu egireebeeta n’amaviivi agayuuguuma: 12:12
   - Tereeza amakubo g’ebigere bya: 12:13
   - Abalumwa ka bawonyezebwa: 12:14
   - Goberera emirembe gy’abantu bonna: 12:14
   - Nyiikirira okwegendereza buli omu leka waleme kubaawo ava mu kisa kya Katonda: 12:15
   - Beera mwegendereza waleme kubaawo kibala kikyamu kikutusaako bulabe yadde okukusobya: 12:15
   - Mwekuume eri abakaba n’abantu abagwagwa: 12:16-17

H. (Ekyokutaano) Ekitundu ekirabula: 12:18-29

a. Ekifo kya Isirayiri ku lusozi Sinaayi: 12:18-21
b. Ekifo ky’abakkiriza ku lusozi Ssayuuni: 12:22-24
c. Ebyakolebwanga abakkiriza oluvannyuma: 12:25-29

I. Okukuutirwa ku kutuukiriza obuvunaanyizibwa obw’obukristaayo: 13:1-17

a. Emirimu gya bulijjo: 13:1-6
   - Enkolagana: okwagalana kw’abooluganda kweyongere: 13:1
   - Okwaniriza: 3:2
   - Mujjukire abali mu makomera n’abali mu kubonaabona: 13:3
   - Obufumbo: Kiweesa ekitiibwa, naye bamalaaya n’abenzi Katonda ajja kubasalira omusango: 13:4
   - Okunyumya: Temubeera ba mululu:13:5
   - Ebintu by’okubeera nabyo: Mubeere bamativu n’ekyo kye mulina: 13:5

- Mujjukire Katonda abeera nammwe bulijjo okubayamba: 13:5-6

b. Emirimu egy'eddiini: 13:7-17
    - Mujjukire ababakulembera: 13:7
    - Mujjukire nti Yesu takyukakyuka: 13:8
    - Temutwalibwa buli njigiriza: 13:9
    - Temwenyigira mu njigiriza y'abannamateeka: 13:9
    - Mugumiikirize okugololwa okw'enjiri: 13:13
    - Munoonye ekibuga ekirijja: 13:14
    - Munyikirenga okuwaayo ssaddaaka ey'ettendo: 13:15
    - Mukole obulungi era muwuliziganyenga: 13:16
    - Mugondere abo ababafuga era mu bawe ekitiibwa kyonna: 13:17

7. Okukuutira kwe ng'omuntu: 13:18-25

A. Okusaba essaala: 13:18-19
    a. Okuba n'endowooza ennungi; 13:18
    b. Okwagala okuba omwesigwa: 13:18
    c. Okusumululwa amangu: 13:19

B. Essaala y'abakadde: 13:20-21
    a. Oyo awandiikirwa: 13:20
    b. Ekisabibwa: 13:21

C. Okukuutirwa okunyweza ebiri mu bbaluwa: 13:22

D. Okukyala kwa Timoseewo: 13:23

E. Okulamusa okusembayo: 13:24
    a. Eri: ababakulembera n'abatukuvu:
    b. Okuva eri: Ab'e Italiya.

F. Okusiibula: 13:25

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Abaebbulaniya?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Abaebbulaniya
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Abaebbulaniya kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Abaebbulaniya.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Abaebbulaniya.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Abaebbulaniya oluusi kiyitibwa enjiri eyookutaano. Matayo, Makko, Lukka, ne Yokaana bitunuulira omulimu gwa Yesu ng'ali mu buweereza bwe obw'okunsi, okufa kwe n'okuzuukira. Abaebbulaniya kinnyonnyola omulimu gwe kati ogwomu ggulu.
2. Ebigambo ebikulu ng'osoma Abaebbulaniya: Ekirungi, ekituukiridde, ekyolubeerera, ekitundu ku, eggulu, Kabona omukulu.
3. Abebbulaniya kituwa emboozi ezisingayo wakati wa Taata n'omwana we Yesu Kristo (Laba: 1:5-13, 2:12-13, 10:5-9)
4. Abaebbulaniya 7:10, kinnyonnyola obukulu bwa weema ey'endagaano enkadde.
5. Abaebbulaniya 11, y'essuula esingayo ku kukkiriza mu Baibuli.
6. Soma Abaebbulaniya 4:12. Eno y'emu ku ngeri y'okunnyonnyola ekigambo kya Katonda ekiri mu Baibuli.
7. Soma ennyiriri zino ezikakasa obussukulumu bwa Masiya (Yesu) ku zi malayika: Zabuli 2:7, 104:4, 45:7-8, 102:26-28, 110:1, 2 Samwiri 7:14, Ekyamateeka 32:43
8. Soma Abaebbulaniya 4:14-7:28. Laga enjawulo wakati w'obwakabona obwa Yesu n'obwa Alooni.
9. Soma endagaano bbiri ez'Abaebbulaniya 8:1:10:18. Kola olukalala lw'enjawulo wakati w'endagaano enkadde n'empya.
10. Waliwo ebitundu bitaano ebyokulabula era mulimu ebiragiddwa mu ekimenyeddwa eky'essuula eno. Soma okulabula okuli mu bitundu bino. Laga ekirimu ekikulu mu buli kitundu.
11. Soma, owe enjawulo wakati w'ekifo kya Isirayiri ku lusozi Sinaayi n'ekifo ky'abakkiriza ku lusozi Sayuuni: Abebbulaniya 12:18-29

# ESSUULA EY'EKUMI N'OMUSANVU

## YAKOBO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'ekitabo kya Yakobo
- Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo kya Yakobo.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo kya Yakobo.
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Yakobo ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza eby'ekitabo kya Yakobo.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Yakobo.

**ERI ANI?** : Eri abakkiriza mu bika bya Isirayiri ekkumi n'ebibiri.

**OBUKULU** : Okuwooyawooya abakkiriza abayita mu kugezesebwa olw'okukkiriza kwabwe.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Yakobo 2:26

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Okukkiriza gw'emusingi gw'ebikolwa.

**ABALIMU ABAKULU** : Yakobo, Ibulayimu, Isaaka, Rakabu, Yobu, Eliya.

**EKIMENYEDDWA**

1. Ennyanjula: 1:1

A. Okuva: Yakobo omuddu wa Katonda ne Mukama waffe Yesu Kristo: 1:1
B. Eri: Ebika ekkumi n'ebibiri ebyasaasaana: 1:1

2. Okukkiriza mu kubonaabona: 1:1-18

A. Enneeyisa mu kubonaabona: Essanyu: 1:2
B. Emigannyulo mu kubonaabona: 1:3-4
   a. Obugumiikiriza: 1:3
   b. Okutuukirizibwa: 1:4
   c. Okutuukirira (Okukula mu mwoyo)
C. Enneeyisa ennungamu mu kubonaabona: 1:5
   a. Amagezi okuva eri Katonda: 1:5
d. Ensibuko y'amagezi: Katonda
e. Okulabisibwa kw'amagezi: Okuyita mu kusaba olw'okukkiriza.
f. Ekyetaago ky'okukkiriza: Eri buli muntu

- Okukkiriza okukakasiddwa: 1:6-7

g. Oyo abuusabusa alinga ejjengo ery'oku nnyanja: 1:6
h. Omuntu ng'oyo tasuubira Mukama kumuwaayo kintu kyonna: 1:7
    - Omwoyo ogumu: 1:8
    - Enneeyisa enungamu mu kugulumizibwa ne mu buwombeefu: 1:9-11
i. Owoluganda atalina bintu bingi mu nsi muno asana yeenyumirize, kubanga agulumizibbwa.
j. Omugagga tasaana anyiige ng'ebintu bye bimukendezebbwaako: 1:10
k. Embeera ezo ez'obulamu za kaseera buseera. Ziringa ekimuli eky'omuddo, omuddo gukala n'ekimuli kyagwo ne kiwotoka ne kigwa: 1:10-11

D. Omukisa gw'okubonaabona: 1:12
    a. Bwetugumira okubonaabona n'okugezesebwa, tujja kufuna engule y'obulamu, Mukama gyeyasuubiza abo abamwagala.

E. Ensibuko y'okukemebwa: 1:13-18
    a. Si Katonda: 1:13

l. Katonda tasobola kukemebwa na kibi: 1:13
m. Katonda tasobola kukema muntu na kibi: 1:13
    b. Tukemebwa nga: 1:14-15

n. Tusendebwasendebwa n'okwegomba kwaffe: 1:14
o. Okwegomba okwo bwe kumala okuba olubuto, be kuzaala ekibi: 1:15
p. Ekibi bwe kikula ne kizaala okufa: 1:15
    c. Tulina okukitegeera nti: 1:16-18

q. Buli kirabo ekirungi ekituukiridde, kiva mu ggulu eri kitaffe: 1:17
r. Katonda: 1:17-18
    - ✓ Katonda w'ebyaka: 1: 17
    - ✓ Atakyukakyuka : 1:17
    - ✓ Ateefuula: 1:17
    - ✓ Yeyatuzaala ng'ayita mu kigambo eky'amazima: 1:18
    - ✓ Tulyoke tubeere ng'abaana be ababeryeberye mu lulyo lwe oluggya: 1:18.

i. Okukkiriza mu kukola: 1:19-4:12

A. Okukkiriza kuleetawo enkyukakyuka: 1:19-21
    a. Tulina kuba tutya: 1:19-20

s. Bangu mu kuwulira: 1:19
t. Kubuguutana mu kwogera: 1:19
u. Balemenga kwanguwa kunyiiga: 1:19-20
    b. Kyetulina okwolesa: 1:21

v. Emize
w. Ekibi ekyasigala
    c. Kyetulina okwaniriza mu bulamu bwafe: Ekigambo: 1:21

B. Okukkiriza, si kuwulira kyokka: 1:22
    a. Twerimba ffeka, nga tuwulira buwulizi: 1:22
    b. Ekyokulabirako ky'omuntu eyeeraba mu ndabirwamu: 1:23-25

x. Omuwulizi awulira n'atabaako kyakola: 1:23-24

y. Omukozi addamu eri e Kigambo: 1:25

C. Okukkiriza kukakasibwa mu nfuga y'olulimi: 1:26-27
  a. Wadde tulabika okuba nga bannaddiini, bwe tutafuga lulimi tuba twerimba ffekka n'eddiini yaffe ya bwereere: 1:26
  b. Eddiini etuukiridde eri Katonda ye: 1:27
    - Okukyalira abatalina taata
    - Okukyalira bannamwandu
    - Obutayonoonebwa nsi

D. Okukkiriza tekuleeta kusosola mu bantu: 2:1-13
  a. Ekitiibwa ekirina okuweebwa omugagga ky'ekimu n'eri omwavu: 2:1-4
  b. Katonda alonda abaavu b'ensi, abagagga mu kukkiriza, ng'abasika b'obwakabaka.
  c. Okuwa abantu ekitiibwa buba bujulizi bukyamu eri ensi: 2:6-7
  d. Etteeka ly'obwakabaka: Onooyagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka: 2:8
  e. Okusosola mu bantu kiba kibi: 2:9
  f. Ekibi n'etteeka: 2:10-13

E. Okukkiriza okulokola: 2:14-26
  a. Okukkiriza okutaliiko bikolwa kufu: 2:14-17
  b. Enkolagana y'okukkiriza n'ebikolwa: 2:18
  c. Ebyokulabirako by'okukkiriza n'ebikolwa: 2:20-25
    - Ibulayimu: 2:21-24
    - Lakabu: 2:25
  d. Ng'omubiri ogutalina mwoyo bwe guba omufu, n'okukkiriza okutaliiko bikolwa kuba kufu: 2:26

F. Okukkiriza kufuga olulimi: 3:1-1
    a. Olulimi ky'ekintu ekisinga okuba ekizibu okufuga: 3:1-2
    b. Ebyokulabirako by'okwefuga okw'omubiri: 3:3-4
    - Ebyuma mu kamwa k'embalaasi: 3:3
    - Enkasi mu byombo: 3:4
    c. Amaanyi agali ku lulimi: 3:5-12

- Wadde lutono, olulimi lulina amaanyi mangi: 3:5
- Olulimi lulinga omuliro ogukwata oba ogwonoona omubiri: 3:6
- Buli nsolo efugibwa muntu naye olulimi terusobola kufugibwa muntu: 5:7-8
- Olulimi luyinza okukozesebwa mu kukolima oba okuwa omukisa: 3:9
- Okukolima n'okuwa omukisa tebirina kuyita mu kamwa ke kamu: 5:10-12
- Okufuga kw'olulimi kiraga okukkiriza n'ebikolwa ebirungi: 3:13

G. Okukkiriza n'obuggya mwebiri mu bakkiriza: 3:14-4:12
    a. Okweyawula mu bakkiriza si kwa bwakatonda: 3:14
    b. Amagezi g'ensi: 3:15-16

- Ennyonnyola yaago: 3:15
    ✓ Ga nsi.
    ✓ Si ga mwoyo
    ✓ Ga sitaani

- Gaviraako: 3:16
    - ✓ Obuggya
    - ✓ Entalo.
    - ✓ Obuvuyo
    - ✓ Buli mulimu omubi
    - c. Amagezi agava ewa Katonda gaba: 3:17
- Malongoofu
- Ga mirembe
- Gafaayo ku balala
- Mawulize
- Gajjudde okusaasira
- Gaba n'ebibala ebirungi
- Tegasosola mu bantu
- Sigannanfuusi
    - d. Okukkiriza kuleetawo obutuukirivu n'emirembe: 3:18
    - e. Okweyawula kujja lwa kwegomba okubi: 4:1-6
- Okwegomba kutyo kuziyiza essaala: 4:2-3
- Kuziyiza enkolagana ne Katonda: 4:5-6
    - f. Okuggyawo enjawukana: 4:7-12
- Mugondere Katonda: 4:7
- Mulwanyise Sitaani: 4:7
- Musemberere Katonda: 4:8
- Mwerongoose: 4:8
- Mulage okunakuwala mwenenye: 4:9
- Mwetoowaze: 4:10
- Temwogera kibi ku balala: 4:11
- Temusalira balala musango: 4:11-12

4. Okukkiriza n'ebiseera ebirijja: 4:13-5:12
    - A. Tetusobola kukakasibwa ebiseera ebirijja: 4:13-14
    - B. Katonda yekka y'amanyi ebirijja: 4:15
    - C. Bwe twenyumiriza mu birijja, kiba kibi: 4:16-17
    - D. Ebiseera by'omugagga ebirijja: 5:1-6
    - a. Bajja kulaba ennaku: 5:1
    - b. Ebyobugagga biriggwaawo: 5:1-3
    - c. Obulyazaamanya bwabwe bulabibwa Katonda: 5:4
    - d. Babadde mu kibi: 5:5-6
    - - Mu kwesanyusa: 5:5
    - - Mu ngeri z'emitima gyabwe: 5:5
    - - Mukunenya n'okutta abatalina musango: 5:6
    - E. Okwetegeka kw'abakkiriza ku birijja: 5:7-12
    - a. Mulindirire okudda kwa Mukama n'obugumiikiriza: 5:7-8
    - b. Muteeketeeke emitima gyammwe: 5:8

    c. Temusiba busungu mu mmwe: 5:9
    d. Mutunuulire bannabbi ng'ekyokulabirako ky'okubonaabona kwr muliyitamu: 5:10
    e. Mugumiikirize n'essanyu nga Yobu: 5:11
    f. Temwerayirira, naye mutegeeze kye mwogera: 5:12

5. Okukkiriza n'enkolagana y'ekikristaayo: 5:13-20
    A. Eky'okukola eri abanyigirizibwa: 5:13
    B. Ekyokukola eri abasanyufu: 5:13
    C. Ekyokukola eri abalwadde: 5:14-15
        a. Muyite abakadde b'ekkanisa: 5:14
        b. Bamufukeko amafuta era basabire omulwadde ono: 5:14
        c. Essaala y'okukkiriza y'ejja okuwonya omulwadde: 5:15
        d. Katonda ajja kumuyimusa: 5:15
        e. Bw'aba yasobya, ebibi bijja kusonyiyibwa: 5:15
    D. Ekyokukolera abasobya abalala: 5:16-18
        a. Mwatuliragane ensobi zammwe: 5:16
        b. Musabiragane, musobole okuwona: 5:16
        c. Eriyaasi ky'ekyokulabirako ky'essaala eyo ey'obuyinza: 5:16-18
    E. Ekyokukola eri abali mu nsobi: 5:19-20
        a. Mumukyuse: 5:19
        b. Mulokole emmeeme ye ereme kufa: 5:20
        c. Mukweke ebibi bye enkumu: 5:21

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Yakobo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Yakobo
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Yakobo kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Yakobo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   …………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Yakobo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Yakobo ky'ekitabo kyokka eky'endagaano empya ekyawandiikibwa eri ebika ekkumi n'ebibiri ebya Isirayiri: 1:1
2. Yakobo akozesa ebyokulabirako by'abantu bingi ebyendagaano enkadde mu bubaka bwe:
   - Ibulayimu: 2:21
   - Isaaka: 2:21
   - Lakabu: 2:25
   - Yobu: 5:11
   - Eriya: 5:17
3. Yakobo akozesa ebyokulabirako bingi ebyomubiri mu bubaka bwe:
   - Amayengo agatwalibwa embuyaga ku nnyanja: 1:6
   - Omuddo n'ebimuli ebiwotoka: 1:10-11
   - Omuliro: 3:5
   - Ensulo z'amazzi: 3:11
   - Ettiini n'emizabbibu: 3:12
   - Okusiga n'okukungula: 3:18
   - Enkuba ekeera n'esembayo: 5:7
   - Ekyeya: 5:17
4. Weetegereze okuddiŋŋana, "okukkiriza okutaliiko bikolwa kufu" mu 2:17, 20, 26. Emmeeme bw'eyawulibwa ku mubiri, omubiri guvunda. Mu ngeri y'emu, okukkiriza kwe kutuukiriza omuntu. Ebikolwa bituukiriza kukkiriza.
5. Ku nnyiriri ekikumi mu omunaana eziri mu Yakobo, nkaaga ku zo biragiro ku bulamu bw'ebikolwa mu bukristaayo. Lamba osome ebiragiro bino.
6. Soma ku bulamu bwa Yakobo, muganda wa Yesu, eyali omuwandiisi w'ebbaluwa eno. Laba bino wammanga:
   - Matayo 12:46-50
   - Yokaana 2:12, 7:1-9
   - Ebikolwa 1:14, 12:17, 15:13, 21:18-26
   - 1 Abakolinso: 15:7
   - Abaggalatiya 1:18-19, 2:1, 9-10
7. Ebiyigirizibwa mu Yakobo bifaanagana n'obubaka obwali mu kuyigiriza kwa Yesu ku lusozi. Maliriza ekipande kino wammanga:

| **Okuyigiriza ku Lusozi.** | **Yakobo.** | **Ebifaanagana mu kuyigiriza mu bufunze** |
|---|---|---|
| Matayo 5:48 | 1:4 | |
| Matayo 7:7 | 1:5 | |
| Makko 11:23 | 1:6 | |
| Matayo 7:24, 26 | 1:22 | |

| | |
|---|---|
| Yokaana 13:17 | 1:25 |
| Luka 6:20 | 2:5 |
| Lukka 6:24-25 | 5:1 |
| Matayo 7:1 | 4:11-12 |
| Matayo 5:34-37 | 5:12 |
| Matayo 7:16-20 | 3:12 |

8. Geraageranya ebika by’amagezi ebinnyonnyolwa mu Yakobo 3:13-18

| | |
|---|---|
| Amagezi agava waggulu. | Amagezi agatava waggulu. |

# ESSUULA EYEKKUMI N'OMUNAANA

## 1 NE 2 PEETERO

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'ebitabo bya 1 ne 2 Peetero
- Okuzuula eyawandiikirwa ebitabo bino.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo bya 1 ne 2 Peetero.
- Okuwandiika ennyiriri enkulu ez'ebitabo bya 1 ne 2 Peetero ng'oziggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza ey'ebitabo bya 1 ne 2 Peetero

## 1 PEETERO

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Peetero

**ERI ANI?** : Abaasaasaana abatulugunyizibwa olw'okukkiriza kwabwe

**OBUKULU** : Okulabula ku kabi akali mu kutulugunyizibwa eri abali mu kkanisa ez'ebweru

**ENNYIRIRI ENKULU** : 1 Peetero 4:12-13

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Eky'okukola eri okutulugunyizibwa kirina kusinziira ku nnono ez'omwoyo.

**ABALIMU ABAKULU** : Peetero, Silivano, Makasi

**EKIMENYEDDWA**

1. Okulamusa: 1:1-2
   A. Okuva ewa Peetero, omutume wa Yesu: 1:1
   B. Eri abalonde abaasaasaana buli wamu: 1:1
      a. Ponto
      b. Galatiya
      c. Kapadosiya
      d. Asiya
      e. Bitiniya

2. Okugumya n’okwongera okubakakasa ku kubonaabona: 1:3-25

A. Okwongera okukakasa amazima g’enjiri: 1:3-12

a. Ensulo y’obulokozi: 1:3
   - Abaatondebwa Katonda kitaffe.
   - Abaannunulibwa Mukama waffe Yesu Kristo
   - Abaatukuzibwa omwoyo.

b. Okunnyonnyola obulokozi: 1:3-5
   - Essuubi eddamu: 1:3
   - Obusika obutayonoonebwa: 1:4
   - Obutakyusibwa: 1:4
   - Obutafa (bwa lubeerera): 1:4
   - Obukuumirwa mu ggulu olw’amaanyi g’okukkiriza okutuuka ku bulokozi: 1:5

B. Okwongera okukakasa nga kusinziira ku birungi ebiri mu kubonaabona: 1:6-12

a. Okusanyuka wadde waliwo ebizibu: 1:6
b. Ettendo, ekitiibwa n’okugulumizibwa: 1:7
c. Essanyu eritayogerekeka erisinziira ku Yesu, so si ku mbeera z’obulamu ezibeetoolodde: 1:8
d. Okukakasibwa kw’okukkiriza: Okulokolebwa kw’emeeme: 1:9-12
   - Nga bunoonyezebwa bannabbi: 1:9-10
   - Ensibuko yaabwe: Kristo: 1:11
   - Okufunza kwabwe: 1:11-12
     - ✓ Baalengera okujja kwe okwasooka n’okubonaabona: 1:11
     - ✓ Baalengera okujja kwe okwokubiri n’ekitiibwa ekiriddirira: 1:11
   - Yanoonyezebwa malayika: 1:12

C. Okukakasibwa okusinziira ku kyokola eri okubonaabona: 1:14-17

a. Mubeere nga mwefuga mu ndowooza: 1:13
b. Mubeere nga bateefu: 1:13
c. Musuubire okutuusa ku nkomerero olw’ekisa kya Yesu Kristo ekitubikkulirwa: 1:13
d. Mukole ng’abaana abagonvu: 1:14
e. Temwesiba mu nkola zammwe ezookwegomba okubi enkadde: 1:14
f. Mubeere batukuvu ng’oyo abayise bw’ali omutukuvu: 1:14
g. Mumusseemu ekitiibwa mu bulamu bwammwe: 1:17

D. Okweyongera okukakasa ku kununulibwa: 1:18-25

a. Tetwanunulibwa na bintu ebyonoonebwa: 1:18
b. Twanunulibwa omusaayi gwa Yesu Kristo ogw’omuwendo: 1:19-20
c. Okukakasibwa ku biro eby’okubonaabona okusinziira ku nkolagana yaffe ey’obununule: 1:21-23
d. Okukakasa kw’onunulibwa kuno kusinziira ku kigambo kye, ekigumiikirizaemirembe gyonna era y’ensibuko y’enjiri: 1:24-25

3. Eky’okukola ky’abakristaayo eri okubonaabona: 2:1-3:13
   A. Ekyokukola ku kibi: 2:1
   B. Ekyokukola eri ekigambo kya Katonda: 2:2
   C. Ekyokukola eri omwana wa Katonda: 2:3-10

D. Ekyokukola gye tuli: 2:11
E. Ekyokukola eri abatali balokole: 2:12
F. Ekyokukola eri abali mu buyinza: 2:13-17
G. Ekyokukola eri abakozesa: 2:18-20
H. Ekyokukola ng'osinziira ku ky'okulabirako kya Kristo: 2:21-25
I. Ekyokukola mu maka: 3:1-12
 a. Omukazi: 3:1-6
 b. Omusajja: 3:7
 c. Amaka gonna: 3:8-12

4. Empisa y'okubonaabona: 3:13-4:19
 A. Okubonaabonera obutuukirivu kuleetawo essanyu n'endowooza ennungi: 3:13-17
 B. Okubonaabona kutuukiriza omwonoonyi: 3:18-22
 C. Okubonaabona kukutwala mu kyokulabirako ekya Yesu: 4:1-6
 D. Okubonaabona kulaga okudda kwa Yesu okw'okubiri: 4:7
 E. Okubonaabona kukuza embala ez'omwoyo: 4:8-11
 a. Okwagala: 4:8
 b. Okusonyiyibwa kw'ebibi: 4:8
 c. Okwaniriza abagenyi: 4:9
 d. Obuwanika obulungi obw'ebirabo n'obuweereza: 4:10-11
 F. Okubonaabona kuleetera empeera eyomumaaso: 4:12-13
 G. Okubonaabona kuweesa Katonda ekitiibwa: 4:14-16
 H. Okubonaabona kutukuza abakkiriza: 4:17-19
5. Enjogera efunza endowooza y'omukkiriza eri okubonaabona: 4:19
6. Weeyongere okuweereza wadde waliwo okubonaabona: 5:1-9
 A. Okuweereza ng'omusumba: Abakadde b'ekkanisa: 5:1-4
 a. Muliise ekisibo kya Katonda: 5:2
 b. Mukole n'okwagala so si nga mukakiddwa: 5:2
 c. Temuweereza lwa mpeera ya ssente: 5:2
 d. Mubeere n'endowooza eyeetegese: 5:2
 e. Mubeere byakulabirako, so si bakama ba bisibo: 5:3
 f. Omusumba asingayo y'agaba empeera: 5:4
 B. Okukola ng'abaddu: Abato n'abakulu: 5:5-7
 a. Abato mugondere abakadde: 5:5
 b. Buli omu agondere munne: 5:5
 c. Mubeere beetowaze: 5:5-6
 - Katonda agaana ab'amalala n'awa ekisa abeetoowaze: 5:5
 - Bwe tuba abeetoowaze, tunaagulumizibwa: 5:5
 d. Buli kikuteganya kimuwe kubanga afaayo gy'oli: 5:7
 C. Okuweereza ng'omuserikale: 5:8-9
 a. Omulabe: Omulabe, awuluguma nga empologoma, anoonya gw'anaalya: 5:8
 b. Endowooza ey'ekisirikidde: 5:8
 - Tulina okuba abateefu: 5:8

- Tulina okuba nga twegendereza: 5:8

c. Enkola y'okulwanyisa omulabe: 5:9

- Tulina okumugaana mu kukkiriza: 5:9
- Okumanya nga tetuli ffeka: Ebibonyoobonyo by'ebimu mu bakkiriza b'ensi: 5:9

7. Okumaliriza: 5:10-14

A. Okusiibula: 5:10-11

a. Ebirungi by'okubonaabona kwa Yesu, ojja kuba: 5:10

- Okukkirizibwa
- Osimbiddwa.
- Onywezebwa.
- Okkakkana.

b. Ekitiibwa kibe eri Katonda n'okufuga emirembe gyonna: 5:11

B. Okulamusa okwenjawulo eri abantu: 5:12-14

a. Silivaano: 5:12
b. Ekkanisa y'e Babulooni: 5:13
c. Makasi, Mutabani wange: 5:13
d. Mulamusigane n'okwenywegera: 5:14
e. Okulamusa okw'emirembe okusembayo eri abali mu Yesu: 5:14

# 2 PEETERO

## ENNYANJULA

**OMUWANDIISI** : Peetero

**ERI ANI?** : Abakristaayo abawambe, era be bamu abalagiddwa mu 1 Peetero.

**OBUKULU** : Okulabula ku buzibu obuva munda okuva ku Katonda n'enjigiriza enkyamu.

**ENNYIRIRI ENKULU** : 2 Peetero 3:1-2

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Ebizibu ebikulu ebiba mu kkanisa kwe kuva ku Katonda n'abayigiriza abakyamu.

**ABALIMU ABAKULU** : Peetero, Paulo,

## EKIMENYEDDWA

1. Ennyanjula: 1:1-2
   A. Okuva ewa Peetero, omuweereza era omutume: 1:1
   B. Eri abo abafunye okukkiriza okufaanagana okw'omuwendo: 1:1
   C. Ekisa n'emirembe byeyongere mu kumanya Katonda ne Yesu: 1:2
2. Okulangirira amaanyi ga Katonda mu abo abava ku Katonda n'abayigiriza ebikyamu: 1:3
3. Ebisuubizo bya Katonda: 1:4
   A. Obulamu
   B. Obwa Katonda
   C. Okumanya
   D. Ekitiibwa
   E. Embala.
4. Ennono za Katonda: 1:5-9
   A. Okukuzibwa n'obunyiikivu: 1:5
   B. Ennono ezimenyeddwa: 1:5-7
      a. Okukkiriza: 1:5
      b. Embala: 1:5
      c. Okumanya: 1:5
      d. Okwefuga: 1:6
      e. Obugumiikiriza: 1:6
      f. Obwakatonda: 1:6
      g. Ekisa ekyobwa sseruganda: 1:7
      h. Ebyekisa: 1:7
   C. Omugaso gw'ennono zino: Zijja kukufuula: 1:8
      a. Ng'ali mu mwoyo

    b. Ng'obala ebibala mu kumanya Yesu.
5. Okuyitibwa okwa Katonda: 1:10-12
    A. Teekamu obunyiikivu okukakasibwa: 1:10
    B. Bwe mukola ebintu bino, temuli gwa: 1:10
    C. Ojja kukasabibwa ku kuyingira mu bwakabaka obutaggwaawo: 1:11
    D. Ojja kusimbibwa mu mazima: 1:12
6. Okubikkulirwa kw'omutume wa Katonda: Yalina okwambala weema ye ey'ensi: 1:13-15
7. Ekigambo kya Katonda: 1:16-21
    A. Tekisinziira ku nfumo, naye ku abo abajulira ku byaliwo: 1:16
    B. Okusinziira ku mmere ya Kristo: 1:17
    C. Okusinziira ku kigambo kya Katonda ekikakasa eky'obwannabbi: 1:19
    D. Tekusinziira ku ntaputa ya muntu: 1:20
    E. Okusinziira ku kulumirizibwa kwa mwoyo mutukuvu: 1:21
8. Okulabula eri abayigiriza ebikyamu okuva ku nnono ezo (ensonga 1 ne mu 7 eziri waggulu) bya balabe ba Katonda: 2:1-3:4
    A. Endabika y'abalabe: 2:1-9
        a. Ennaku zino: Abayigiriza ebikyamu: 2:1-3
        b. Ennaku ezaayita: 2:1-9
            - Bannabbi aboobulimba: 2:1
            - Malayika embi: 2:4
            - Abo abaaliwo mu nnaku eza Nuuwa: 2:4
            - Abo abaaliwo mu nnaku eza Luti: 2:6-9
    B. Okunnyonnyola abalabe ba Katonda (Abayigiriza ebikyamu): 2:1-3, 10-19
        a. Baleetawo enjigiriza enkyamu: 2:1
        b. Beegana Mukama: 2:1
        c. Baligoberera empisa z'obukaba: 2:2
        d. Baleetera ekkubo ery'amazima okuba ng'eyogerwako obubi: 2:2
        e. Boogera n'ebigambo eby'obulimba: 2:3
        f. Babafunamu amagoba: abantu ba Katonda: 2:3
        g. Batambulira mu mubiri n'okwegomba kwa gwo okubi: 2:10
        h. Banyooma obufuzi: 2:10
        i. Beerowoozako bokka: 2:10
        j. Bongera ebyensonyi ku b'ebitiibwa: 2:10-13
            - Baleka amazima nti ne Malayika tezikimanyi kino: 2:11
            - Boogera ebikyamu bye batategeera: 2:12
            - Olwa kino, bajja kusaanawo olw'obukuusa bwabwe bafuna empeera ey'obutali butuukirivu: 2:12-13
        k. Amabala ag'okunenyezebwa: 2:13
        l. Bammemba abalimba be bakuɧɧaana nabo: 2:13
        m. Amaaso gaabwe gajjula obukaba: 2:14
        n. Tebeeresa kibi: 2:14
        o. Basendasenda abatali banywevu: 2:14

p. Balina omululu: 2:14
q. Baana abaakolimirwa: 2:14
r. Baleka ekkubo ettuufu ne bagoberera mu bagoberera mu nsobi eya Balamu: 2:15-16
s. Nzizi omutali mazzi: 2:17
t. Bire ebitwalibwa omuyaga: 2:17
u. Ekizikiza eky'olubeerera kibaterekeddwa: 2:17
v. Boogera ebigambo ebinene omutali nsa: 2:18
w. Ekiruubirirwa ky'okwegomba kwabwe eri abali mu kibi: 2:18
x. Basuubiza eddembe newaakubadde bo nga bali mu busibe ng'abaweereza b'obukuusa: 2:19

C. Amagenda g'abalabe: 2:20-22
   a. Okwoluvannyuma kujja kuba kuzibu nnyo okusinga okwentandikwa: 2:20
   b. Kyandibadde kirungi gyebali singa tebaamanya butuukirivu okusinga okumanya ne babivaamu: 2:21
   c. Balinga embwa eziddayo ne zirya ebisesemye byazo: 2:22

9. Okulabula ku kuva ku Katonda: 3:1-18
   A. Okunnyonnyola okuva ku Katonda: 3:1-4
      a. Kwalabibwa ba bannabbi: 3:1-2
      b. Okuva ku Katonda kwe kwegaana ekisuubizo ky'okujja kwa Yesu: 3:4
   B. Ekyokuddamu ku kuva ku Katonda: Engeri Katonda bw'akwatamu ebyayita, ebiriwo n'ebirijja mu nsi: 3:5-13
      a. Okunenyezebwa kw'ensi y'edda kwayita wadde waliwo abalimba: 3:5-6
      b. Ebiribaawo mu nsi eriwo bijja kutuukirira: 3:7-8, 10
      c. Katonda alina ebiseera bye mw'atuukiriza enteekateeka ze: 3:8
      d. Ekisinga obukulu ku nteekateeka ya Katonda kwe kulokolebwa kw'emyoyo egyabula, so si kulengera bya mumaaso: 3:9
      e. "Olunaku lwa Mukma" mw'anaatukiriza enteekateeka ye lu lijja nga terusuubirwa: 5:10
      f. Enteekateeka ye ekwatagana n'ekitonde ekijja: 3:13
   C. Enkola y'abakkiriza nga bali abavudde ku bya Katonda: 3:14-18
      a. Musangibwe mu ye mu mirembe: 3:14
      b. Nga temulina yadde ebbala: 3:14
      c. Nga temulina kya kunenyezebwa: 3:14
      d. Manya ebiriswizzaawo okutuukiriza enteekateeka ya Katonda kwe kusaasira eri abatali balokole: 15-16
      e. Mwegendereze temutwalibwa mu nsobi y'ababi n'okugwa: 3:17
      f. Mukule mu kisa: 3:18
      g. Mukule mu kumanya Mukama: 3:18

10. Okumaliriza: 3:18

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ebitabo bya 1 ne 2 Peetero?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw’ekitabo kya 1 Peetero.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya 1 Peetero kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n’ennono y’obuweereza ebiri mu kitabo kya 1 Peetero.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw’ekitabo kya 1 Peetero.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Laga obukulu bw’ekitabo kya 2 Peetero.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ekitabo kya 2 Peetero kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Laga obulamu n’ennono y’obuweereza ebiri mu kitabo kya 2 Peetero.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
9. Okuva mu mutwe gwo, wandiika ennyiriri enkulu ez’ekitabo kya 2 Timoseewo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma 1 ne 2 Peetero okole olukalala lwa buli ekyogerwako nga kyamuwendo
2. Soma 1 Peetero osaze ku buli wakozeseddwa ekigambo okubonaabona n'ekisa. Bino bugambo bikulu.
3. Mu 1 Peetero mulimu emitwe egiwera eginnyonnyola abakkiriza. Soma ennyiriri zino wammanga era olage emitwe gya zo: 1:14, 2:2, 2:5, 2:9 (emitwe egy'enjawulo ena): 2:11, 4:16, 4:18, 1:2, 2:10, 4:11, 5:2
4. Soma obulamu bwa Peetero mu njiri ne mu kitabo kya Ebikolwa by'Abatume.
5. Wekkaanye amazima agali ku bulamu bwa Kristo:
    - Essuubi eddamu: 1:3
    - Ekigambo ekiramu: 1:23
    - Ejjinja eddamu: 2:4
6. Ebisimbuliddwa bingi eby'endagaano enkadde ebikozeseddwa mu 1 Peetero. Geraageranya bino wammanga:

| Ebiva mu ndagaano enkadde: | Peetero by'asimbulizza. |
|---|---|
| Isaaya 28:16 | 1 Peetero 1:6 |
| Zabuli 118:22 | 1 Peetero 1:7 |
| Isaaya 8:14 | 1 Peetero 1:8 |

7. Soma 1 Peetero 2:9-10. Geraageranya obulamu bw'abakkiriza obwasooka n'oluvannyuma lwokulokoka.

| **Nga tebannalokoka.** | **Ngabalokose.** |
|---|---|
| Baayitibwa okuva____________________ | Eri________________________ |
| Tebaali____________________________ | Kati bali____________________ |

8. Okuva mu 2 Peetero, kola olukalala olulaga empisa z'abantu oba abayigiriza ebikyamu ezitali za bwakatonda. Tereka olukalala luno olugeraageranye n'olulagibwa mu kitabo kya Yuda.
9. Okuva mu 2 Peetero: 1:5-10, laga ebisaanyizo by'abakkiriza bye balina okwongera mu bulamu bwabwe.
10. Geraageranya olunaku lwa Mukama (2 Peetero 3:10), n'olunaku lw'okusalirwako omusango (2 Peetero 3:7

# ESSUULA EYEKKUMI N'OMWENDA

## 1, 2 NE 3 YOKAANA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'ebitabo bya 1, 2 ne 3 Yokaana.
- Okuzuula eyawandiikirwa ebitabo bino.
- Okulaga obukulu bw'ebitabo bya 1, 2 ne 3 Yokaana.
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olwa buli kitabo ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza obw'ebitabo bya 1, 2 ne 3 Yokaana

**OKUSOOKA OKWETEGEREZA**

Mu ssuula eno, ojja kusoma ebitabo ebisatu, 1, 2 ne 3 Yokaana. Ebitabo bino byonna byawandiikibwa Yokaana mutabani wa Zebidaayo (Matayo 4:21), eyali omutume wa Yesu (Matayo 10:2). Yokaana era yeyawandiika enjiri ya Yokaana n'ekitabo ky'Okubikkulirwa. Omaze okusoma enjiri ya Yokaana, ekitabo ky'okubikkulirwa kijja kuba ky'ekiggalawo olusoma luno. Ekitabo kino kyawandiikibwa Yokaana eyeeyongera okufuna okubikkulirwa ku nteekateeka.

**EBITABO EBYAWANDIIKIBWA YOKAANA.**

Enjiri ya Yokaana:

- Eyogera ku bulokozi
- Kikutte ku byayita
- Kiraga Yesu nga nnabbi
- Kiraga omusaalaba n'obulamu bw'abakkiriza

Ebbaluwa za Yokaana: (1, 2, ne 3 Yokaana)

- Zoogera ku kutukuzibwa
- Zikutte ku biriwo
- Ziraga Yesu nga ye kabona waffe
- Zikwata ku kussekimi ky'abakkiriza.

Okubikkulirwa:

- Kikwata ku kitiibwa
- Kikwata ku birijja
- Kiraga Yesu nga Kabaka
- Kikwata ku ngule erindiridde abakkiriza.

Wekkaanye: Ebitabo bya 2 ne 3 Yokaana tebirina ssuula njawulemu mu Baibuli. N’olwekyo, ennyiriri zokka z’eziragibwa.

# 1 YOKAANA

## ENNYANJULA

**OMUWANDIISI** : Yokaana

**ERI ANI?** : Abakristaayo abaali bafunye okulimbibwa Sitaani ekyaleetawo okutta enkolagana yaabwe ne Katonda wamu n'abakkiriza abalala.

**OBUKULU** : Okunnyonnyola engeri y'okusseekimu okutuufu ne Yesu Kristo.

**ENNYIRIRI ENKULU** : 1 Yokaana 1:8-9

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Okusseekimu okutuufu ne Katonda awamu ne bakkiriza banno kwe kusinziira omutindo gw'ekigambo kya Katonda era ne kikuumibwa ennono y'okwatula ebibi.

**ABALIMU ABAKULU** : Omuwandiisi Yokaana. Temuli bantu balala boogerwako na mannya.

## EKIMENYEDDWA

1. Ennyanjula: 1:1-4
   - A. Yokaana awandiika kw'ebyo by'alabye n'amaaso ge, by'atunuddeko, ne byakuteko ebikwata ku Kigambo eky'obulamu. Awandiika okusinziira ku by'ayiseemu byennyini: 1:1
   - B. Okusseekimu kw'awandiikiramu kwekwo okutuufu abakkiriza kwe balina okuba ne Katonda era ne bannaabwe: 1:2-3
   - C. Ensonga emuwandiisa ku kino eri nti essanyu lyabwe lyeyongera okunywera mu kusseekimu kuno: 1:4
2. Akakwakkulizo k'okusseekimu okutuufu mu Yesu: 1:5-10
   - A. Okwewaayo eri ekigambo kya Katonda: 1:5-7
   - B. Okwatula ekibi: 1:8-10
3. Enneeyisa esaanidde eri abali mu kusseekimu okutuufu okw'abakkiriza: 2:1-29
   - A. Embala y'okweyisa obulungi eba ekoppebwa ku ky'okulabirako eky'omu oyo ekyateekebwawo Yesu: 2:1-11
     - a. Ennono y'okukoppa: 2:1-2
     - b. Enkola y'okukoppa: 2:3-6
     - c. Okukakasibwa kw'enkoppa ennungi: 2:7-11
   - B. Ekiragiro okuzimbibwa empisa y'okwawukana: 2:12-17
     - a. Abakkiriza abaweebwa ekiragiro mulimu emitendera gy'okukula mu by'omwoyo: 2:12-14
     - b. Ekiragiro kya kweyawula ku bya nsi: 2:15-17
   - C. Ekiyigirizibwa ku nneeyisa: 2:18-29
     Obwetaavu bw'okuyigirizibwa: 2:18-21
     Embeera yekuyigirizibwa: 2:22-29
4. Ebikola okusseekimu kw'abakristaayo okutuufu: 3:1-24

    A. Obulongoofu: 3:1-3
    B. Obutuukirivu n’okwagala: 3:4-18
    C. Obuvumu: 3:19-21
    D. Obugonvu: 3:22-24
5. Abalabe b’okusseekimu okutuufu mu bakkiriza: 4:1-21
    A. Bannabbi ab’obulimba: 4:1-6
        a. Engeri y’okubamanya: 4:2-3
        b. Engeri y’okubawona: 4:3
        c. Ba nsi: 4:5
        d. Tuli ba Katonda: 4:6
    B. Obukugu obukyamu ku kwagala kwa mwoyo: 4:7-17
        a. Okwagala okwannamaddala kunnyonnyolwa: 4:7-17
        b. Okwagala okwannamaddala kwawulwa ku bukugu obukyamu ku kwagala kwa mwoyo: 4:18-21
6. Ensonga ey’okukuuma okusseekimu entuufu: 5:1-21
    A. Okukkiriza mu Yesu kukakasibwa mu ngeri gye tweyisaamu: 5:1-5
    B. Okukkiriza mu Yesu kukakasibwa ku bisaanyizo bye twoleka: 5:6-12
        a. Ekikakasa ebyetaagisa: 5:6-8
        b. Ekiva mu byetaagisa: 5:9-12
    C. Okukkiriza mu Yesu kukakasibwa n’obuvumu bwolesa: 5:13-15
    D. Okukkiriza mu Yesu kukakasibwa n’okuwangula ekibi: 5:16-21

# 2 YOKAANA

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Yokaana

**ERI ANI?** : "Omukazi omulonde nabaana be" ekitegeeza ekkanisa n'abagirimu (Ekkanisa eyogerwako mu ngeri ya kikyala kubanga y'eyitibwa omugole wa Kristo)

**OBUKULU** : Okuyamba abakkiriza okuba abeesigwa eri enjigiriza entuufu n'okubalabula eri abayigiriza ebikyamu.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : 2 Yokaana 1:9

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Tulina okwekuuma eri abayigiriza ebikyamu abatuleetera okuleka ebitugwanira eby'omwoyo bye tuba tulina ne batuleetera okubeera mu nkola enkyamu.

**ABALIMU ABAKULU** : Yokaana.

**EKIMENYEDDWA**

1. Ennyanjula: Okulamusa: 1-3
   A. Okuva ewa: Omukadde, Yokaana:1
   B. Eri: omukazi omulonde n'abaana be Yokaana b'ayagala ennyo mu mazima: 1-2
   C. Atuma okuva ewa Katonda kitaffe n'omwana Yesu Kristo: 3
      a. Ekisa
      b. Okusaasira
      c. Emirembe
2. Okukuutirwa ku kwagala: 4-6
   A. Tambulira mu mazima: 4
   B. Tambulira mu kwagala: 5
   C. Tambulira mu biragiro bye: 6
3. Okulabula ku njigiriza enkyamu n'abayigiriza ebikyamu: 7-11
   A. Okwatula kw'abayigiriza ebikyamu: 7
   B. Ebiva mu kukkiriza mu bayigiriza ebikyamu: 8-9
      a. Okufiirwa ebintu by'omwoyo bye baali bamaze okufuna mu bulamu bwabwe: 8
      b. Ebizibu by'obutanywerera mu kuyigiriza kwa Kristo: 9
      c. Aba kitundu ku bikolwa bya bwe ebikyamu: 10-11
4. Okumaliriza: 12-13
   A. Yokaana alina bingi eby'okubawandiikira naye asuubira okugenda okubakyalirako: 12
   B. Yokaana asindika okulamusa eri abakkiriza mu kkanisa ey'abooluganda: 13

# 3 YOKAANA

**ENNYANJULA.**

**OMUWANDIISI** : Yokaana

**ERI ANI?** : Ekitabo kyawandiikirwa omusajja ayitibwa Gayo. Kyawandiikirwa ye n'abantu abalala abaali mu kkanisa gye yalinako akakwate. Tewaali ngeri yakuzuula musajja ono kye yali, nga Baibuli bwetawa kunnyonnyola kungi ku ye. Amazima agali mu bbaluwa gatuukirira ku bakkiriza bonna.

**OBUKULU** : Okwebaza Gayo ne Demeteriya olw'okujulira kwabwe okw'obukristaayo n'okukakasa empisa za Diyotuleefe ezitaali zabukristaayo.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : 3 Yokaana 1:11

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Obulamu bwaffe kyakulabirako kya bulungi oba obubi eri abalala ababa batwetoolodde.

**ABALIMU ABAKULU** : Yokaana, Gayo, Diyotuleefe, Demetriyo.

**EKIMENYEDDWA**

1. Ennyanjula: 1-2
   A. Okuva ewa: Omukadde Yokaana: 1
   B. Eri: omwagalwa Gayo: 1
   C. Yokaana by'abaagaliza: Basobole okusukkuluma n'okuba abalamu nga n'emmeeme ye bwe yeeyongera okussukuluma: 2
2. Enkolagana y'abakkiriza eri amazima: 3-4
   A. Galina okuba mu bo: 3
   B. Balina okutambulira mu mazima: 3
   C. Bwe batambulira mu mazima kireetawo essanyu eri abakulembeze baffe ab'omwoyo: 4
3. Enkolagana y'abakkiriza eri bakkiriza bannaabwe: 5-8
   A. Balina okuweereza eri abooluganda n'abagwira: 5
   B. Balina okumanyibwa mu kkanisa olw'emirimu emirungi egy'ekisa: 6
   C. Balina okuba nga bayambako mu mazima: 8
4. Enkolagana y'abakkiriza eri obulungi n'obubi: 9-12
   A. Diyotereefe ky'ekyokulabirako ky'obubi: 9
      a. Yasalawo akwate ekifo ky'okumwanjo.
      b. Yagaana okwaniriza Yokaana, omukulembeze wa Katonda omulonde.
      c. Yalemesa abatume (Abakulembeze)
      d. Teyamatiranga
      e. Yaboolanga mu booluganda (akola obubinja)

        f. Yagezaako okugobaganya abakkiriza abaagezaako okugaana obukulembeze obwali buteereddwawo Katonda mu kkanisa
    B. Eky'okukola ekituufu ku kibi ng'ekyo: 11
        a. Temugoberera bintu bikyamu ng'ebyo kubanga oyo akola ekikyamu aba teyalaba Katonda: 11
        b. Mugoberere ekyo ekirungi, oyo akola ebirungi aba wa Katonda: 11
    C. Demeteeriyo: Eky'okulabirako ekirungi: 12
        a. Yalina ebimwogerwako ebirungi mu bantu bonna.
        b. Yali amanyi bulungi amazima g'ekigambo kya Katonda.
        c. Yalina ekifaananyi ekirungi mu bukulembeze obwatekebwawo Katonda.
5. Okumaliriza: 13-14
    A. Yokaana yalina ebyokuwandiikako bingi, naye yali asuubira okubakyalira: 13-14
    B. Abaagaliza: 14
        a. Emirembe
        b. Okulamusa okuva mu mikwano gye eri Gayo n'ekkanisa.
    C. Asaba Gayo amulamusize ku mikwano gye nga ye: 14

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ebitabo bya 1, 2 ne 3 Yokaana?
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya 1 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya 1 Yokaana kyawandiikirwa ani?
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya 1 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………..
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya 1 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Laga obukulu bw'ekitabo kya 2 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ekitabo kya 2 Yokaana kyawandiikirwa ani?
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
8. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya 2 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………..
9. Okuva mu mutwe gwo, wandiika ennyiriri enkulu ez'ekitabo kya 2 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
10. Laga obukulu bw'ekitabo kya 3 Yokaana.
………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………
11. Ekitabo kya 3 Yokaana kyawandiikirwa ani?

……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………

12. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya 3 Yokaana.

……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………….

13. Okuva mu mutwe gwo, wandiika ennyiriri enkulu ez'ekitabo kya 3 Yokaana.

……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Soma ebintu byonna byetuteekwa okumanya okusinziira ku 1 Yokaana. Okukola kino, sooka osome ekitabo kya 1 Yokaana kyonna nga bw'osaza ku kigambo, 'Okumanya' oba 'okumanyibwa' emirundi gye bikozeseddwa, olwo ddayo ku buli kye wasazizzaako okole olukalala lw'ebintu bye tulina okumanya.
2. Mu 1 Yokaana 2:12-14. Laga ebintu ebiwandiikiddwa eri:
    - Abaana
    - Bataata
    - Abavubuka (Gino gy'emitendera gy'okukula mu mwoyo)
3. Soma 1 Yokaana olambe buli awakozeseddwa ekigambo okwagala n'amazima. Funnza ekisomesebwa ku buli kimu ku ebyo.
4. Leeta empisa enkyamu eza Diyotereefo eziragibwa mu 3 Yokaana 9-10
5. Soma embeera y'omukkiriza azaaliddwa omulundi ogwokubiri: 1 Yokaana 2:29, 3:9, 4:7, 5:1, 4, 18
6. Soma ebigezo omusanvu ebidda eri omukristaayo owaddala: 1 Yokaana 1:6, 8, 10, 2:4, 6, 9, 4:20
7. Ekimenyeddwa ekitonotono eky'ekitabo kya 1 Yokaana:

| | |
|---|---|
| Essuula 1-2 | Katonda kitangaala |
| Essuula 3-4. | Katonda kwagala |
| Essuula 5 | Katonda bulamu |

8. Soma ebikontana bino mu 1 Yokaana:
    - Ekitangaala kivuganya n'ekizikiza: 1:5-2:11
    - Taata okuvuganya n'ensi: 2:12-17
    - Kristo avuganya n'abamuwakanya: 2:18-28
    - Ebikolwa ebirungi bivuganya n'ebikyamu: 2:29-3:24
    - Omwoyo Omutukuvu avuganya n'ensobi: 4:1-6
    - Okwagala kuvuganya n'obukuusa: 4:7-21
    - Azaalibwa Katonda avuganya n'abalala: 5:1-21

# ESSUULA EYAAMAKUMU ABIRI

## YUDA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'Ekitabo kya Yuda
- Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo kya Yuda.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo kya Yuda
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Yuda ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza obw'ekitabo kya Yuda.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Yuda (Muganda wa Yesu)

**ERI ANI?** : Abakristaayo bonna, wadde ng'ebiseera ebyo abaali bawuliriza be b'ekkanisa z'e Palesitiini ne Asiya.

**OBUKULU** : Okulabula ku bayigiriza ebikyamu

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Yuda 1:3

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Tulina okwegendereza abayigiriza ebikyamu abajja bayingira mu bakkiriza nga tebamanyi ne babakyusa okuva mu kigambo kya Katonda eky'amazima.

**ABALIMU ABAKULU** : Yuda, Mikayiri, malayika ow'okuntikko, kayini, Balamu, koolo, Enoka.

**EKIMENYEDDWA**

Wekkaanye: Ekitabo kya Yuda tekirina ssuula zeeyawudde mu Baibuli, n'olwekyo nnyiriri zokka z'eziragiddwa.

1. Ennyanjula: Okulamusa: 1-2
   A. Okuva ewa Yuda: 1
      a. Muganda wa Yakobo.
      b. Omuweereza awamu ne Yesu Kristo.
   B. Eri abo: 1
      a. Abaatukuzibwa Katonda.
      b. Abaakuumibwa mu Kristo
      c. Abayite.
2. Ekiruubirirwa: 3
   A. Ekiruubirirwa ekyasooka: Obulokozi

   B. Ekiruubirirwa ekirongoseemu: Okukuutira beeyongere okunywera mu kukkiriza kubanga waliyo abantu bangi ab'enjawulo abagenda bayingira mu kkanisa.
3. Enneeyisa "Y'abantu abamu" (Abayigiriza ebikyamu):4
   A. Waliyo abantu abagiyingira mu bubba
   B. Abaatekebwako omusango.
   C. Abatatya Katonda.
   D. Abajerega ekisa kya Katonda
   E. Abeegaana Mukama waffe Yesu Kristo
4. Ebyafaayo ebisatu: 5-7
   A. Isirayiri: Okulokolebwa okumu, oluvannyuma ne boonoonebwa: 5 (nnamba 13-14 ne 1 Abakolinso 10:5-10)
   B. Malayika: Baaleka ekifo ekyasooka, ne bakuumirwa mu kkomera: 6 (2 Peetero 2:4)
   C. Sodomu ne Gomora: Okwegomba okubi n'obukaba byaviirako okubonerezebwa n'omuliro: 7 (Oluberyeberye: 18-19)
5. Okunnyonnyola abasomesa abakyamu: 8-10 (Okunnyonnyola okulala kuli mu ssuula 4)
   A. Ebirooto ebibi: 8
   B. Bagwagwawaza omubiri: 8
   C. Banyooma ab'obuyinza: 8
   D. Bavvoola bamalayika: 8-10
      a. Mikayiri malayika asingayo obukulu teyasobola nakwogera ku mubi: 9
      b. Abantu bano boogera ebikyamu ku bintu bye baba tebamanyi: 10
   E. Bakola buli kyabaagala: 10
6. Okunnyonnyola abantu bano abakyamu n'ekyokulabirako: 11
   A. Baagenda: Ekkubo lya Kayini: Yagaana omusaayi ogwetaagisa okuggyawo ekibi (Oluberyeberye 4)
   B. Badduka: Oluvannyuma lw'ensobi ya Balamu: Baweereza okusobola okufuna ensimbi: (Okubala: 22-24)
   C. Baasanawo: Mukwogera kwa Kore: Okugaana obukulembeze Katonda bw'abataddewo: (Okubala :16)
7. Okunnyonnyola kw'abantu bano abakyamu mu ngeri y'okwebuzaabuza (Okugeraageranyizibwa ku ky'okulabirako eky'omubiri): 12-13.

A. Amabala: Kino kitegeeza "amayinja" mu by'okulya: Amayinja mu mmere: 12

B. Ebire omutali mazzi: Basuubiza bingi naye tebalina kyebakola, banguwa okutwalibwa eno n'eri: 12

C. Emiti egy'afa: Tegirina bibala, tegirina mirandira oba obunywevu, baafa emirundi ebiri: Basooka mu kibi ne badda mu bunnanfuusi: 12

D. Ng'amayengo: Basiikuufu, baleekaana naye tewali kye bakola: 13

E. Emmunyeenye ezitaayaaya: Balabika nga bamyansa, naye baakuumiea eri ekizikiza: 13

8. Okulamulwa okulijja: 14-15 (Oluberyeberye 15:18-24)
   A. Omubaka: Enoka: 14
   B. Omubaka: 15
      a. Baasalira Mukama omusango n'abatukuv: Mutwalo: 14

- Olw'ebibi by'obutatya Katonda bye baakola: 15
- Olw'ebyo bye baayogeranga ebizibu ku ye: 15

9. Okunnyonnyola kw'abantu abakyamu kweyongera: 16
   A. Abawoggana
   B. Abeemulugunya
   C. Abakola buli kyebeegomba
   D. Emimwa nga gyogera ebinene (beenyumiriza)
   E. Baagala okuweebwa ekitiibwa, nga balowooza nti abamu basinga ku balala olw'okuba nga bagagga, n'ebifo byabwe: n'ebirala
10. Jjukira: Yesu yalabula abantu bano: 17-19
   A. Abasekerezi balijja mu biro eby'oluvannyuma: 18
   B. Bajja kutambulira mu kwegomba kwabwe okw'obutatya Katonda: 18
   C. Balyeyawulamu (ebibinja n'obukundi): 19
   D. Ngabakola ebitasiimibwa: 19
   E. Tebajja kuba na mwoyo wa Katonda: 19
11. Enteekateeka ey'engeri ennya ez'okwewala okulimbibwa abakyamu bano: 20-21
   A. Zimbibwa mu kukkiriza: 20
   B. Sabira mu mwoyo: 20
   C. Weekumire mu kwagala kwa Katonda: 21
   D. Lindirira okudda kwa Mukama waffe Yesu Kristo: 21
12. Eky'okukola eri abantu bano abakyamu: 22-23
   A. Abamu balina ekisa: 22
      a. Kola enjawulo wakati w'abo abanafu n'abo abagenderera okukola ebikyamu (Laba olunyiriri 23)
      b. Mukyawe n'ebyambalo ebirina amabala.
13. Okusiibula okusembayo: 24-25.
   A. By'atukolera kati: Asobolera ddala okutukuuma ne tutagwa: 24
   B. Kyali kola: gye bujja: Ensobi eziriwo: 24
      a. Mu kubeerawo kw'ekitiibwa kye.
      b. N'essanyu eringi ennyo
   C. Katonda ow'amagezi yekka omulokozi waffe, leero n'emirembe gyonna: 25
      a. Wa kitiibwa
      b. Wa buyinza
      c. Afuge
      d. Wa maanyi

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo kya Yuda?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo kya Yuda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo kya Yuda kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo kya Yuda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo kya Yuda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Kola olukalala lw'embeera z'abayigiriza ebikyamu abalagibwa mu kitabo kya Yuda.
2. Soma ku by'okulabirako by'endagaano enkadde ebiragibwa mu Yuda:
    - Isirayiri yanunulibwa mu Missiri naye oluvannyuma n'esaanyizibwawo: Okubala 13-14, 1 Abakolinso 10:5-10, Abaebbulaniya 3:17
    - Malayika ezitaakuuma bifo byazo ebyasooka: 2 Peetero 2:4
    - Sodoma ne Gomora: Oluberyeberye 18:1-19:24
    - Kayini: Oluberyeberye 4
    - Balamu: Okubala 22-24
    - Koola: Okubala 16
    - Enoka (Mutabani wa Adamu ow'omusanvu): Oluberyeberye 5:18
3. Soma Yuda 20-23. Leeta ebintu ebikuwereddwa okwekuuma eri abayigiriza ebikyamu ng'abannyonnyolwa mu kitabo kya Yuda.
4. Soma ebiragiro ebiri mu Yuda:
    - Mulwanirire okukkiriza: 3
    - Mwezimbire mu kukkiriza: 20
    - Musabire mu mwoyo: 20
    - Munoonye okusaasirwa kwa Yesu: 21
    - Mwekuumire mu kwagala kwa Katonda: 21
    - Mukolewo ekyenjawulo: 22
    - Mubeere ba kisa eri abamu: 22
    - Muwonye abalala okutya: 23
    - Mubajje mu nnimi ez'enjawulo: 23
    - Mukyawe ebyambalo eby'omubiri: 23
5. Ekimu ku bigambo ebiri mu Yuda ky'ekya "Obutya Katonda." Akikozesa okunnyonnyola abantu, okwegomba, ebikolwa, abeewaayo, aboonoonyi, ebyogerwa
6. Wekkaanye enkolagana eri wakati wa Yuda ne 2 Peetero:

| Yuda | 2 Peetero |
|---|---|
| 4 | 2:1-3 |
| 6 | 2:4 |
| 7-10 | 2:6-12 |
| 11 | 2:15 |
| 12-13 | 2:13-17 |
| 16 | 2:18 |
| 17-18 | 3:1-3 |

**OKWANJULA EKITABO KY'OBUNNABBI.**

Okubikkulirwa ky'ekitabo ekyobunnabbi kyokka ekiri mu ndagaano empya. Kibaguliza ku nteekateeka ya Katonda eyoomumaaso wamu n'ebiro eby'oluvannyuma nga bwe tukimanyi kati, okutondebwa kw'eggulu eppya, okusala omusango, n'entandikwa y'obutaggwaawo.

# ESSUULA EYAMAKUMI ABIRI MU EMU

## OKUBIKKULIRWA

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okulaga omuwandiisii w'Ekitabo ky'Okubikkulirwa.
- Okuzuula eyawandiikirwa ekitabo ky'Okubikkulirwa.
- Okulaga obukulu bw'ekitabo ky'Okubikkulirwa.
- Okuwandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo ky'Okubikkulirwa ng'oluggya mu mutwe gwo.
- Okulaga obulamu n'ennono y'obuweereza obw'ekitabo ky'Okubikkulirwa.

**ENNYANJULA**

**OMUWANDIISI** : Yokaana

**ERI ANI?** : Ekkanisa omusanvu eziri mu Asiya n'abakakkiriza okutwaliza awamu.

**OBUKULU** : Okulaga enteekateeka ya Katonda eri ensi.

**OLUNYIRIRI OLUKULU** : Okubikkulirwa 1:19

**OBULAMU N'ENNONO Y'OBUWEEREZA** : Ku nkomerero ekirungi kiriwangula ekibi. Katonda anaamaliriza enteekateeka n'ekiruubirirwa kye kyeyatandikawo.

**ABALIMU ABAKULU** : Yokaana, abalabe ba Kristo, bannabbi ab'obulimba, Yesu Kristo.

**EKIMENYEDDWA**

**Ekitundu ekisooka: Ekyayita: "Ebyo by'olabye"**

1. Ennyanjula: 1:1-3
2. Okulamusa: 1:4-6
3. Omulamwa gw'okubikkulirwa: 1:7-8
4. Omuwandiisi: Yokaana 1:9-10
5. Okwolesebwa kwa Yokaana ku Mukama: 1:10-18
    - A. Omuntu we: Alufa ne Omega, Mukama 1:11
    - B. Ekifo kye: Mu makanisa (Omuti gw'ettaala): 1:12-13
    - C. Embeera ze: 1:13-16
    - D. Obubaka bwe: 1:17-20

**Ekitundu ekyokubiri: Ebiriwo: Ebyo ebiriwo:**

1. Obubaka eri amakanisa: 2:1-3:22

A. Efeeso: 2:1-7

B. Sumuna: 2:8-11

C. Perugamo: 2:12-17

D. Suwatira: 2:18-19

E. Saadisi: 3:1-6

F. Firaderufiya: 3:7-13

G. Lawudikiya: 3:14-22

**Ekitundu ekyokusatu: Ebirijja: "Ebintu ebiribaawo oluvannyuma"**

1. Okufuga ebiribaawo mu biro eby'oluvannyuma: 4:1-5:14
    - A. Namulondo ya Katonda: 4:1-11
    - B. Omuzingo: 5:1-5
    - C. Omwana gw'endiga: 5:6-14
2. Obusungu bw'omwana gw'endiga: 6:1-19:21
    - A. Okulamulwa okw'envumbo omusanvu: 6:1-11:19
        - a. Envumbo esooka: 6:1-2
        - b. Envumbo ey'okubiri: 6:3-4
        - c. Envumbo eyookusatu: 6:5-6
        - d. Envumbo eyookuna: 6:7-8
        - e. Envumbo eyookutaano: 6:9-11
        - f. Envumbo eyoomukaaga: 6:12-19
        - g. Ebyaddako: 7:1-17
        - - Ku nsi: Okussaako envumbo ku baweereza ba Katonda: 7:1-8
        - - Mu ggulu: Okuyimba kw'abaweereza ba Katonda: 7:9-17
        - h. Envumbo eyoomusanvu: 8:1-11:19. Envumbo eno eriko amakondeere musanvu:
        - - Ekkondere erisooka: 8:7
        - - Ekkondeere eryokubiri: 8:8-9
        - - Ekkondeere eryokusatu: 8:10-11
        - - Ekkondeere eryokuna: 8:12-13
        - - Ekkondeere eryokutaano: 9:1-12
        - - Ekkondeere eryomukaaga: 9:13-21
        - g. Ebyaddako: 10:1-11:14

Ebintu musanvu bibaawo wakati w'ekkondeere eryomukaaga n'eryomusanvu

- h. Ekkondeere eryomusanvu: 11:15-19

3. Obufuzi bwa Sitaani ku nsi: 12:1-13:18
    - A. Sitaani ne Isirayiri: 12:1-17
    - B. Sitaani n'ensi: 13:1-18

4. Ebibya omusanvu ebyobusungu bwa Katonda: 14:1-16:21
    A. Ebyaliwo nga teginnasalibwa: 14:1-15:8
    B. Ebibya by'okusala emisango: 16:1-21
        a. Ekibya ekyasooka: 16:2
        b. Ekibya ekyokubiri: 16:3
        c. Ekibya ekyokusatu: 16:4-7
        d. Ekibya ekyokuna: 16:8-9
        e. Ekibya ekyokutaano: 16:10-11
        f. Ekibya ekyomukaaga: 16:12-16
        g. Ekibya ekyomusanvu: 16:17-21
5. Okwonoona enkola z'ensi ez'eddiini: 17:1-18
    A. Ekyafaayo: 17:1-6
    B. Ekirijja: 17:7-18
6. Okwonoona kw'enkola z'ensi ez'obufuzi n'ebyenfuna: 18:1-24
7. Okulemesa abalabe ba Katonda e Amagidoni: 19:1-21
    A. Okujaguliza mu ggulu: 19:1-10
    B. Okulumbibwa ku nsi: 19:11-21
8. Okulamulibwa kw'omuntu: 20:4-15
    A. Eri obulamu: 20:4-10
    B. Eri okufa; 20:11-15
9. Eggulu n'ensi ebipya: 21:1-22:5
    A. Ennyanjula yaabyo: 21:1-8
    B. Yerusaalemu empya mu bulambulukufu: 21:9-22:5
10. Okukuutirwa okusembayo: 22:6-21

# OKWEGEZAAMU

1. Ani yawandiika ekitabo ky'Okubikkulirwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Laga obukulu bw'ekitabo ky'Okubikkulirwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Ekitabo ky'Okubikkulirwa kyawandiikirwa ani?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Laga obulamu n'ennono y'obuweereza ebiri mu kitabo ky'Okubikkulirwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Okuva mu mutwe gwo, wandiika olunyiriri olukulu olw'ekitabo ky'Okubikkulirwa.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

# OKWEYONGERA OKUSOMA

1. Waliwo emikisa musanvu egyogerwako mu kitabo ky'okubikkulirwa.
    - Alina omukisa oyo asoma obunnabbi buno: 1:3
    - Balina omukisa abafiira mu Mukama: 14:13
    - Alina omukisa oyo atunuulidde (okujja kwa Mukama): 16:15
    - Balina omukisa abo abayitibwa ku kijjulo ky'obufumbo: 19:9
    - Alina omukisa oyo ali ekitundu ku kuzuukira okusooka: 20:6
    - Alina omukisa oyo akuuma ebigambo by'ekitabo kino: 22:7
    - Balina omukisa abo abayoza ebyambalo byabwe: 22:14
2. Soma ku kunnyonnyola kwa zi ddayimooni okuli mu ssuula eyoomwenda (9)
3. Soma ku lukuŋŋaana olw'amaanyi olw'abasabi abatannalokoka mu byafaayo: 6:15-17
4. Ebigambo bya Yesu ebisembayo eri ekkanisa biragibwa mu ssuula 2 ne 3
5. Yokaana omuwandiisi w'okubikkulirwa era ye yawandiika n'enjiri ya Yokaana ne 1, 2, ne 3 Yokaana. Soma ku biwandiiko bye ebirala bye yaluŋŋamizibwa. Yokaana era yali muyigirizwa wa Yesu, osobola okusoma ku buzaale bwe mu njiri.
6. Ddayo ojulize ku kitabo kya Danyeri nga bw'osoma ekitabo kya Okubikkulirwa. Wekkaanye bino:
    - Ebifa ku Isirayiri: Danyeri 3 ne 6 wamu n'okubikkulirwa 12
    - Ebifa ku bawakanya Kristo: Danyeri 3:1-7, 7:7, 8, 24, 25, 8:9-12, 23-25, 9:27, 11:36-45, Okubikkulirwa
    - Ekifa ku kubonyaabonyezebwa; Danyeri 9:24-27, Okubikkulirwa 11:2, 12:6, 14, 13:5
    - Danyeri yateekebwako envumbo mu kitabo: Danyeri 12:9. Kino nga kitegeeza nti buli kintu ekikwata ku biro ebirijja tebyali byakubikkulirwa mu kiseera ekyo.
    - Okubikkulirwa ky'ekitabo ekitaaliko nvumbo (Okubikkulirwa 22:10). Kyawandiikibwa okumalayo okubikkulirwa eri omuntu okw'enteekateeka ya Katonda.
7. Baibuli  eyogera ku ngule ez'enjawulo ez'okuwa abakkiriza:
    - Engule eyonooneka: 1 Abakolinso 9:25
    - Engule y'okujaguza: 1 Abasessaloniika 2:19-20
    - Engule y'obutuukirivu: 2 Timoseewo 4:8
    - Engule ey'ekitiibwa: 1 Peetero 5:2-4
    - Engule ey'obulamu: Okubikkulirwa 2:10
8. Soma ku bubaka eri ekkanisa omusanvu eziri mu Okubikkulirwa 2-3. Kolayo ekipande olage bino wammanga  ku buli kkanisa eyawandiikirwa:
    - Erinnya ly'ekkanisa: Eyawandiikirwa obubaka. Buli kkanisa eragibwa bulungi.
    - Okunnyonnyola: Buli bubaka bulimu okunnyonnyola kwa Mukama waffe Yesu Kristo.
    - Okunenyezebwa: Laga embala ennungi Mukama gyanenya.
    - Okunenyezebwa: Laga ensobi ezaaletera okunenya kwa Mukama.
    - Ekiragiro: Mu buli bubaka, Mukama awa ekiragiro era n'awaayo n'engeri y'okuvvunuka ebizibu mu kkanisa.
    - Ekisuubizo: Ekisuubizo kiweebwa buli kkanisa okunyiikira okukyusa.

9. Okubikkulirwa kuleeta amannya ga Yesu Kristo agawera okusinga ku bitabo bya Baibuli ebirala. Wammanga ge gamu ku mannya ago. Osobola okweyongera okugazuula?
    - Yesu Kristo: 1:1
    - Omujulirwa omwesigwa: 1:5
    - Eyasooka okuzuukira mu bafu: 1:5
    - Omulangira wa bakabaka b'ensi: 1:5
    - Alufa ne Omega: 1:8
    - Ow'oluberyeberye era ow'enkomerero: 1:17
    - Omwana w'omuntu: 1:13
    - Omwana wa Katonda: 2:18
    - Alina ebisumuluzo bya Daudi: 3:7
    - Alina ebisumuluzo by'emagombe n'okufa: 1:18
    - Empologoma ya Yuda: 5:5
    - Ow'omululyo lwa Daudi: 5:5
    - Obusungu bw'omwana gw'endiga: 5:6
    - Omwana gw'endiga: 7:17
    - Mukama waffe: 11:8
    - Omwana w'omuntu: 12:5
    - Kabaka w'abatukuvu: 15:3
    - Omwesigwa era ow'amazima: 19:11
    - Ekigambo kya Katonda: 19:13
    - Kabaka wa bakabaka: 19:16
    - Mukama w'abakama: 19:16
    - Entandikwa era enkomerero: 19:16
    - Emmunyeenye y'enkya: 22:16
10. Ekipande kino kijja kukuyambako okutegeera entalo essatu ezisembayo era ezisalawo Baibuli z'eyogerako:

| **Abeetaba mu Lutalo.** | **We lw'aliwo** | **Ebyavaamu** | **Okujuliza** |
|---|---|---|---|
| Russia ne banne | Mu biro by'okutulugunyizibwa | Katonda ajja kubyenyigiramu<br>Eggye lya Russia lisanyizibwewo. | Ezekyeri: 38:1-<br>39:16 |
| Amagye nga gava mu<br>Mawanga gonna<br>Agawakanya Katonda | Ku nkomerero ey'emyaka<br>omusanvu<br>egy'okutulugunyizibwa | Yesu akke okuva mu ggulu<br>asanyeewo omulabe. | Yoweeri 3:9, 12<br>Zaakaliya 14:1-4<br>Okubikkulirwa 9:16<br>19:11:21 |

| | | | |
|---|---|---|---|
| Sitaani ne Katonda | Ku nkomerero y'ekyasa | Sitaani ne banne balisuulibwa Mu nnyanja ey'omuliro Ogw'olubeerera. | Okubikkulirwa: 20:7-10 |

11. Soma okukontana okuli wakati w'entandikwa n'enkomerero y'ensi:

| **Entandikwa** | **Enkomerero** |
|---|---|
| **(Alufa)** | **(Omega)** |
| **Oluberyeberye 1-3** | **Okubikkulirwa: 20-22** |
| Katonda yatonda eggulu n'ensi: 1:2 | Nendaba eggulu n'ensi ebipya |
| Wabeewo ekitangaala: 1:3-5 | Ekibuga nga tekyetaaga kitangaala (21:23, 22:5) |
| Amazzi gayitibwe ennyanja: 1:10 | Nga teri nnyanja: 21:1 |
| Omuti ogw'obulamu: 2:8-9. | Omuti gw'obulamu: 22:2 |
| Omugga oguva mu Adeni: 2:10. | Omugga gw'obulamu omutukuvu: 22:1 |
| Okufiira ku muti: 2:17 | Obulamu okuva ku muti: 22:2 |
| Ekikolimo kijja: 3:17 | Tewakyaliwo kikolimo: 22:3 |
| Obulumi: 3:17 | Tekyali kulumwa: 21:4 |
| Omulyango gwaggalwa: 3:24 | Omulyango gwaggulwa: 21:25 |
| Yatambula nabo: 3:8 | Abeera mu bo: 21:3 |
| Okufa kwajja: 2:17 | Okufa kwavaawo: 20:14 |
| Omubi mulimba: 3:4-6 | Omubi tasobola kulimba: 20:3 |
| Omubi awangulwa: 3:4 | Omubi asibwa: 20:2 |
| Ennaku: 3:17 | Tekyali nnaku: 21:4 |
| Eggulu n'ensi bikolebwa: 1:1 | Eggulu n'ensi bivaawo: 20:11 |
| Amaanyi ag'okutonda: 1:1 | Amaanyi ga Katonda agoonoona: 20:9 |
| Okwekweka Katonda: 1:1 | Okuyimirira mu maaso ga Katonda: 20:12 |

Kyatandika 1:1 Kyaggwa: 21:5

**OKUMALIRIZA**

Baibuli eraga enteekateeka ya Katonda enkulu ey'olubeerera. Endagaano enkadde kwe kwali okutegeka okw'enteekateeka eno. Enjiri mwe mulagibwa enteekateeka eno, mu Ebikolwa, n'ebbaluwa okutuukirizibwa kw'enteekateeka. Okubikkulirwa kulaga enkomerero y'enteekateeka ya Katonda.

# EBIDDIBWAMU KU BIBUUZO BY'OKWEGEZAAMU

**ESSUULA ESOOKA:**

1. Matayo
2. Okulaga obuweereza  bwa Yesu, n'omulimu gwe nga Kabaka wa Abayudaaya.
3. Eri abakkiriza bonna, newaakubadde mu kusooka yagenderera Bayudaaya beyalaga Yesu nga Masiya, omwana wa Daudi.
4. Ekiragiro kya Yesu ekyasembayo eri abagoberezi kwali kugenda eri amawanga n'enjiri.
5. Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu. Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n'okutuukira ddala ensi lw'eriggwaawo ( Matayo 28:19-20)

**ESSUULA EYOOKUBIRI:**

1. Makko
2. Okulaga obuweereza bwa Yesu n'omulimu gwe ng'omuweereza era ng'omwana w'omuntu.
3. Eri abakkiriza bonna, newaakubadde kyasooka kugenderera eri Abaruumi b'alaga Yesu ng'omuweereza.
4. Tulina kunoonya kuweereza so si kuweerezebwa.
5. N'Omwana w'Omuntu, teyajja ku nsi kuweerezebwa, wabula okuweereza abalala, era n'okuwaayo obulamu bwe ng'omutango okununula abangi. Makko 10:45

**ESSUULA EYOOKUSATU:**

1. Lukka
2. Kwe kuwandiika ekitundu ekirambika obulungi obuweereza bwa Yesu (Lukka 1:1-4)
3. Eri abakkiriza bonna, newaakubadde kyalina kusooka eri Abayonaani ng'abalaga Yesu ng'omuntu atuukiridde, yakiweereza n'omu ku bakkiriza, Teefiro.
4. Omulimu gwaffe gufaananira ddala n'ogwa Yesu ogw'okutuukirira abalala n'amawulire amalungi ag'enjiri.
5. Kubanga Omwana w'Omuntu, yajjirira kunoonya n'okulokola abaabula. Lukka 19:10

**ESSUULA EYOOKUNA:**

1. Yokaana
2. Okumatiza nti Yesu ye Masiya, omwana wa Katonda, era okuleeta abantu mu bulamu obutaggwaawo.
3. Eri abakkiriza bonna, Yokaana baalaga Yesu ng'omwana wa Katonda.
4. Yesu ye Kristo, omwana wa Katonda omulamu, ensulo y'obulokozi era ekkubo eri obulamu obutaggwaawo.
5. Naye bino byawandiikibwa mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo Omwana wa Katonda era olw'okumukkiriza mulyoke mube n'obulamu mu linnya lye. Yokaana 20:31

**ESSUULA EYOOKUTAANO:**

1. Lukka
2. Ekitabo kifaayo ku ebyo Yesu bye yayongera okusomesa n'okukola ng'amaze okulinnyisibwa mu ggulu okuyita mu mubiri gwe ogw'omwoyo, Ekkanisa: Ebikolwa 1:1-2
3. Eri abakkiriza bonna, wadde ng'ekitabo kigenda eri Teefiro.
4. Okujulira ku Mwoyo Omutukuvu kulagibwa na maanyi. Amaanyi ag'okufuuka abajulirwa kulw'okubunyisa enjiri mu nsi yonna.
5. Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi. Ebikolwa 1:8

**ESSUULA EYOOMUKAAGA:**

1. Paulo
2. Okulaga amakulu g'enjiri okwefaananyiriza n'etteeka, obunnabbi n'ebyetaago by'omuntu byonna okutuukiriza olw'okukkiriza.
3. Eri abakkiriza b'e Rooma.
4. Omukkiriza alibaawo lwa kukkiriza
5. Enjiri tenkwasa nsonyi: kubanga ge maanyi ga Katonda agalokola buli muntu akkiriza, okusooka eri Omuyudaaya n'eri Omunnamawanga. Kubanga mu yo obutuukirivu bwa Katonda bubikkulibwa. Obutuukirivu obwo butuweebwa olw'okukkiriza, olw'okukkiriza kwokka, nga bwe kyawandiikibwa nti, "Abatuukirivu banaabeeranga balamu lwa kukkiriza. Abaruumi 1:16-17

**ESSUULA EYOOMUSANVU:**

1. Paulo
2. Paulo yali akwasaganya ebizibu ebyali bimutegezeddwako n'ebibuuzo ebyali bimubuziddwa abakkiriza mu kkanisa y'e Kolinso
3. Eri abakkiriza b'e Kolinso
4. Okwagala kye kisumuluzo ky'omwoyo ekisingayo mu bulamu bw'omukristaayo n'obuweereza.
5. Kaakano waliwo ebintu bisatu eby'olubeerera: okukkiriza, n'okusuubira, era n'okwagala. Naye ekisingako ku ebyo obukulu kwe kwagala. 1 Abakolinso 13:13
6. Okuzzaawo obuyinza bwe obw'obutume kye kyali ekiruubirirwa ekikulu, naye era kikwanagana ensonga enkulu ez'enjawulo.
7. Abakkiriza b'e Kolinso.
8. Obunafu bw'omuntu buleetera amaanyi ga Katonda okulabisibwa.
9. Buli mulundi ng'aŋŋamba nti, "Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu." Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n'essanyu lingi olw'obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. 2 Abakolinso 12:9

**ESSUULA EYOMUNAANA:**

1. Paulo
2. Okugolola enjigiriza enkyaamu ez'abannamateeka aba Yudaaya mu kkanisa.
3. Eri abakkiriza b'e Galatiya.
4. Yesu yatununula okuva mu mateeka n'atuwa eddembe.
5. Kale nga Kristo bwe yatufuula ab'eddembe, bwe mutyo munywerere mu ddembe eryo muleme kusibwa nate mu kikoligo ky'obuddu. Abaggalatiya 5:1

**ESSUULA EYOOMWENDA:**

1. Paulo
2. Okumanyisa abakkiriza ku bugagga bwe balina mu Kristo n'ebiragiro ku ntambula yaabwe mu Kristo.
3. Ekkanisa y'e Efeeso.
4. Abakkiriza basika ba mukisa (Obugagga) n'obuvunaanyizibwa (okutambula) okwokuyitibwa kwabwe mu Kristo.
5. Yeebazibwe Katonda era Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, atuwadde mu Kristo buli mukisa gwonna ogw'omwoyo oguva mu ggulu. Abaefeeso 1:3

**ESSUULA EY'EKKUMI:**

1. Paulo
2. Okubakubiriza okuba obumu ng'abakristaayo
3. Ekkanisa y'e Firipi.
4. Obumu mu Yesu buleetawo emirembe
5. Mutuukirize essanyu lyange, mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala, n'omwoyo gumu, nga mulowooza bumu. Abafiripi 2:2

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EMU:**

1. Paulo
2. Okuteereza ensonga y'enjigiriza eyali mu kkanisa.
3. Abakkiriza b'e Kolosaayi abaalina okugabanako n'abakkiriza b'e Lawodeesiya
4. Kristo ye byonna mu byonna.
5. Nga bwe mwazuukirira awamu ne Kristo, munoonyenga ebintu ebiri mu ggulu, Kristo gy'atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda. Mulowoozenga ku ebyo ebiri mu ggulu, so si ebiri ku nsi, 3 kubanga mwafa era n'obulamu bwammwe bukwekeddwa mu Kristo mu Katonda. Abakolosaayi 3:1-3

**ESSUULA EY'EKKUMI N'EBBIRI:**

1. Paulo.
2. Okukakasa nti Mukama waffe akomawo. Okukakasa ku kuluɧɧamya ku kukkiriza wamu n'okutereeza enjigiriza enkyamu. Paulo era addamu ebikyamu ebyayogerwa ku buweereza bwe.

3. Eri abakkiriza b’e Sessaloniika
4. Okubeerwa kulina kutunuulirwa mu ssuubi.
5. Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n’eddoboozi ery’omwanguka, eddoboozi lya malayika omukulu nga liwulirwa, n’ekkondeere lya Katonda, n’abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira, naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tubeegattako, ne tusitulibwa mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga; bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. Kale buli omu agumyenga munne n’ebigambo ebyo. 1 Abasessaloniika 4:16-18
6. Okuwa ekiragiro eri abakkiriza abalindirira okudda kwa Mukama.
7. Eri ekkanisa y’e Sessaloniika
8. Wajja kubaawo okugwa okw’amaanyi ku lunaku lwa Mukama waffe. Kikulu nnyo okusomesa n’obeera n’enjigiriza ennungi.
9. Omuntu yenna tabalimbalimbanga mu ngeri yonna; kubanga okuggyako ng’obujeemu busoose okujja, n’omuntu oli ow’obujeemu, omwana w’okuzikirira ng’amaze okulabisibwa. 2 Abasessaloniika 2:3

**ESSUULA EY’EKKUMI N’ESSATU:**

1. Paulo
2. Paulo yawandiikira mukozi munne ayitibwa Timoseewo ebbaluwa eno eyali akola obuweereza bw’okusumba ekkanisa y’e Efeeso. Ekitabo kikwata ku bizibu ebimu n’ebyetaago ebyaliwo mu kkanisa eno.
3. Timoseewo
4. Tulina okubeera mu bulamu obw’ekyokulabirako olw’obuweereza obwatuyitirwa.
5. Waleme kubaawo muntu n’omu akunyooma olw’obuvubuka bwo, naye mu kwogera ne mu bikolwa, ne mu kwagala, ne mu kukkiriza, ne mu bulongoofu beeranga kyakulabirako eri abakkiriza. 1 Timoseewo 4:12
6. Paulo yawandiika ekitabo kino ng’ali mu kkomera okusomooza Timoseewo okumanya obuvunaanyizibwa bwe mu buweereza omutume bwe yali anaatera okuwaayo ng’anaatera okufa.
7. Timoseewo
8. Enkola ey’obwakatonda ey’okukubisaamu obubaka bw’enjiri, “buli omu okufanayo gw’atuukirira omu.”
9. Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g’abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. 2 Timoseewo 2:2

**ESSUULA EY’EKKUMI N’ENNYA:**

1. Paulo
2. Okutereeza ensobi n’okutandikawo enteekateeka ennungi mu kkanisa ezaali ku kizinga kye Kuleete.
3. Tito.

4. Okukola omulimu omulungi tekimala. Omulimu ogwo gulina okutandikibwa n'okutegekebwa okusinziira ku nnono z'ekigambo kya Katonda.
5. Kyennava nkuleka mu Kuleete, olyoke otereeze ebyo ebyetaaga okutereeza, era otekewo n'abakaddea b'ekkanisa mu buli kibuga, nga bwe nakulagira. Tito 1:5

**ESSUULA EY'EKKUMI N'ETTAANO:**

1. Paulo
2. Okukuutira Oneezimo, omuddu wa Firemooni eyali afuuse omukkiriza. Ekitabo era kyogera ku nkola ez'ekyokulabirako ezomu bantu n'enkolagana. Era kiraga ennono y'okusonyiyiwa n'obuweereza obwokwegayirira.
3. Firemooni, abakristaayo b'e Kolosaayi.
4. Ennono z'obukristaayo ziteekwa okuteekebwa mu nkola y'okukolagana kw'abantu.
5. nkwegayirira ku bikwata ku mwana wange Onesimo gwe nayamba okukkiriza Mukama waffe nga ndi mu njegere, mu busibe. Firemooni 1:10

**ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUKAAGA:**

1. Paulo
2. Okubalaga Yesu nti yasinga bonna.
3. Abayudaaya (Abaebbulaniya) abakkiriza
4. Yesu ye mutabaganya w'endagaano esinga eyakolebwa ku bisuubizo ebisingayo obulungi.
5. Naye kaakano omulimu Yesu gwe yaweebwa, gusinga nnyo ogwa bali obukulu, kubanga n'endagaano gy'alimu ng'omutabaganya y'esinga obulungi, n'ebisuubizo kw'enyweredde, bye bisinga obulungi. Abaebbulaniya 8:6

**ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUSANVU:**

1. Yakobo.
2. Okuwooyawooya abakkiriza abayita mu kugezesebwa olw'okukkiriza kwabwe
3. Eri abakkiriza mu bika bya Isirayiri ekkumi n'ebibiri.
4. Okukkiriza gw'emusingi gw'ebikolwa.
5. Ng'omubiri bwe guba omufu omwoyo bwe gutagubeeramu, n'okukkiriza bwe kutyo kuba kufu bwe kuteeyolekera mu bikolwa. Yakobo 2:26

**ESSUULA EY'EKKUMI N'OMUNAANA:**

1. Peetero
2. Okulabula ku kabi akali mu kutulugunyizibwa okuva eri abo w'abweru w'ekkanisa.
3. Abaasaasaana olw'okutulugunyizibwa olw'okukkiriza kwabwe.
4. Eky'okukola eri okutulugunyizibwa kirina kusinziira ku nnono ez'omwoyo.
5. Abaagalwa, temwewuunya obulumi obw'amaanyi bwe bubatuukako ng'abatuukiddwako ekintu ekitali kya bulijjo. Kyokka musanyuke kubanga mugabanye ku kubonaabona kwa Kristo, mulyoke mujjule essanyu, ng'ekitiibwa kye kirabise. 1 Peetero 4:12-13

6. Okulabula ku buzibu obuva munda. Okuva ku Katonda n'enjigirizaenkyamu.
7. Abakristaayo abaasaasaana, era b'ebamu abalagibwa mu 1 Peetero.
8. Ebizibu ebikulu ebiba mu kkanisa kwe kuva ku Katonda n'abayigiriza ebikyamu.
9. Abaagalwa, eno y'ebbaluwa eyookubiri gye mbawandiikira. Mu bbaluwa zombi ngezezzaako okubakubiriza mutegeerere ddala ebyo ebituufu era ebisaana. Mujjukire ebyo ebyayogerwa bannabbi abatukuvu n'ekiragiro kya Mukama waffe era Omulokozi waffe ekyaweebwa abatume bammwe. 2 Peetero 3:1-2

**ESSUULA EY'EKKUMI N'OMWENDA:**

1. Yokaana.
2. Okunnyonnyola engeri y'okusseekimu okutuufu ne Yesu Kristo
3. Abakristaayo abaali bafunye okulimbibwa Sitaani ekyaleetawo okutta enkolagana yaabwe ne Katonda wamu n'abakkiriza abalala.
4. Okusseekimu okutuufu ne Katonda awamu ne bakkiriza banno kwe kusinziira omutindo gw'ekigambo kya Katonda era ne kikuumibwa ennono y'okwatula ebibi.
5. Bwe twogera nti tetulina kibi, twerimba ffekka, era n'amazima tegaba mu ffe. Naye bwe twatula ebibi byaffe, ye mwesigwa era mutuukirivu okutusonyiwa n'okutunaazaako obutali butuukirivu bwonna. 1 Yokaana 1:8-9
6. Okuyamba abakkiriza okuba abeesigwa eri enjigiriza entuufu n'okubalabula eri abayigiriza ebikyamu.
7. "Omukazi omulonde n'abaana be" Ekitegeeza ekkanisa n'abagirimu.
8. Tulina okwekuuma eri abayigiriza ebikyamu abatuletera okuleka ebitugwanira ebyomwoyo bye tuba tulina ne batuleetera okubeera mu nkola enkyamu.
9. Buli asukka ku ebyo Kristo by'ayigiriza n'atabinywereramu, talina Katonda; naye oyo anywerera mu kuyigiriza okwo alina Kitaffe n'Omwana. 2 Yokaana 1:9
10. Okwebaza Gayo ne Demeteriyo olw'okujulira kwabwe okw'obukristaayo n'okukakasa empisa za Diyotuleefe ezitaali za bukristaayo.
11. Ekitabo kyawandiikirwa omusajja ayitibwa Gayo, n'abantu abalala abaali mu kkanisa gye yalinako akakwate
12. Obulamu bwaffe kyakulabirako kya bulungi eri oba obubi eri abalala ababa batwetoolodde.
13. Mukwano gwange, togobereranga kyakulabirako ekibi wabula eby'obutuukirivu. Gobereranga ebyo byokka by'olaba nga bya butuukirivu. Kirungi ojjukirenga nti abo abakola eby'obutuukirivu baba bakakasiza ddala nga bwe bali abaana ba Katonda; naye abakola ebitali bya butuukirivu balaga nga bwe bali ewala ne Katonda. 3 Yokaana 1:11

**ESSUULA EY'AMAKKUMI ABIRI:**

1. Yuda
2. Okulabula ku bayigiriza ebikyamu
3. Abakristaayo bonna, wadde nga ebiseera ebyo abaali bawuliriza be b'ekkanisa z'e Palestinin ne Asiya.

4. Tulina okwegendereza abayigiriza ebikyamu abajja bayingira mu bakkiriza nga tebamanyi ne babakyusa okuva ku kigambo eky'amazima.
5. Abaagalwa, nnali neesunga nnyo okubawandiikira ku bulokozi bwaffe bwe ntyo nawalirizibwa okubawandiikira nga mbazzaamu amaanyi nga mbegayirira mulwanirire okukkiriza abatukuvu kwe baaweebwa omulundi ogumu. Yuda 1:3

**ESSUULA EY'AMAKUMI ABIRI MU EMU:**

1. Yokaana
2. Okulaga enteekateeka ya Katonda eri ensi.
3. Ekkanisa omusanvu eziri mu Asiya n'abakkiriza okutwaliza awamu.
4. Ku nkomerero ekirungi kiwangula ekibi. Katonda anaamaliriza enteekateeka n'ekiruubirirwa kye kyeyatandika.
5. Kale wandiika ebyo by'olabye ebiriwo n'ebyo ebinaatera okubaawo oluvannyuma lw'ebyo ebiriwo. Okubikkulirwa 1:19.